OKUTONGOZEBWA 2

Na . . . nkereyeemukko. Wabaddewo omuntu abadde obubi, nga ali bubi ddala, kale mbadde nnina okugenderawo, kubanga abadde bubi nnyo ddala. Era nga baavuze okuviira ddala e Michigan, omusirikale wa poliisi y'omukitundu y'akubye essimu, n'abalala, okututegeeza nti embeera mbi nnyo, nnyo ddala. Kaakati, naye agenda kuba bulungi; buli kimu—buli kimu kiri mu nteeko, era kiri bulungi. Mukama bw'atuuka, buli kimu kiba mu nteeko, si bwe kiri? O, Ye—Ye mulungi nnyo; okulowooza obulowooza ku bulungi Bwe n'okusaasira Kwe, olw'ebyo by'Ali gye tuli, n'engeri amatendo Ge gye gali ag'omuwendo.

Kati, twagezezzaako okutandika, nga tugamba nti tujja kukwata ku ssuula essatu ezisooka ez'Ekitabo ky'Abaefeso. Naye ndowooza twakutte ku bigambo ebisatu ebisooka, oba *ebintu* ebisatu ebisooka awo. Tetwagenze wala kiri awo, naye oba oli awo akawungeezi kano tusobola okusukkako awo. Kati, njagala okugamba nti ssiri muyizi wa Bayibuli, ekyo kindi wala nnyo, era ndi wala nnyo n'eky'okuba omuyivu mu by'eddiini, naye nja—njagala Mukama, era njagala okumuweereza era . . . [Waliwo ow'oluganda ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.]

Waliwo omuntu, eyaakantegeeza, ku mbeera eyetaaga okudduukirira amangu ddala, nga tetunneeyongerayo, waliwo omuwala omuto ali mu ddwaliro mu Louisville, abasawo abakugu bonna gwe balemeddwa, ali mu kufa kaakano, era asaba tusabire omwana oyo. Nga Abakristaayo, buvunaanyizibwa bwaffe okukoteka emitwe gyaffe, kaakano, tusabe.

Mukama waffe ajjudde ekisa, si buvunaanyizibwa bwaffe kyokka, wabula era kya mukisa gye tuli, era nga ku—kuyaayaana kwaffe okukoteka emitwe gyaffe akawungeezi kano nga ekkanisa, nga ekibiina ky'abantu abaayitibwayo, abantu abakkiriza abali wano akawungeezi kano, okuyigiriza Ekigambo Kyo, nga kituteeka mu bifo byaffe mu Mubiri, ebifo mwe tulina okuba, era mwe tusobola okukolera ddala obulungi fenna awamu nga ebitundu by'Omubiri gwa Kristo.

2 Era kaakano tuyitiddwa okudduka bunnambiro eri Katonda. Era buli omu ku ffe bataata muli bwe tulowoozaamu tugamba nti, watya ssinga oyo abadde muwala waffe, emitima gyaffe nga gyanditutyemuse ne gituluma, ne tukuba essimu eri amakanisa ag'enjawulo ne tugasaba okusaba bunnambiro. Naye kaakano waliwo omutima gwa taata omu ogweraliikiridde, nga guli mu bulumi. Mukama, tusaba Omwoyo Omutukuvu Mwene agende mu kaseera kano eri omutima gwa taata oyo. Ggyawo okubuusabuusa kwonna, n'obulumi bwonna,

omuleetere okutegeera nti Ggwe Katonda era tewali ndwadde yonna esobola kuyimirira mu Maaso Go nga omulimu Gwo Omutukuvu gukoleddwa ekkanisa Yo era abantu Bo.

3 Era nga mu wiiki yonna, bwe tubadde tusaba, okuva ku Ssande ewedde mbadde ndowooza ku nkola zino manya ku ngeri zino ez'okusabamu. Tetulina kya kulwanyisa kya maanyi kiri awo okusinziira ku ndaba y'ensi, naye envuumuulo eno entono esobolera ddala okutta ssinga ekwatibwa engalo z'okukkiriza. Ayi Mukama, tusaba essaala zaffe zikube ekyo kye tuluubirira okukuba, nga kwe kufa okwo okulengejjera ku mwana oyo, era leka kubetentebwe; ekizikiza, ennaku, byamuke ekitanda ky'omwana oyo omuto, omuwere manya omwana, omuwala oyo omuto. Era leka Ekitangaala ky'Okubeerawo kwa Katonda eky'amaanyi kimwakeko. Leka afulume eddwaliro eryo, nga mwana mulamu.

4 Ayi Katonda, tumanyi nga emitala w'omugga waliyo abaagalwa baffe abatulindiridde, era wa kitiibwa. Naye abaana baffe tubaagala. Era tusaba, ayi Mukama, olw'ekitiibwa Kyo, Otalize obulamu bw'omwana oyo. Ffe, nga ekkanisa Yo, tunenya okufa okwo, nga tugamba nti, "Yimirira eyo. Omwana oyo tosobola kumutwala, kubanga tubanja obulamu bwe ku lw'Obwakabaka bwa Katonda." Tukusaba ebintu bino obitukolere, ayi Mukama, bigende butereevu bituuke gye tubyolekeza, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omulokozi waffe. Amiina.

5 Tukkiriza? Simanyi kye nnandikoze ssinga ssaali Mukristaayo. Ssandyagadde kweyongera kubeerawo. Tewali nsonga ya kuba mulamu, okuggyako okuyamba abalala okulokoka, ye nsonga yokka esingayo obulungi gye mmanyi.

6 Kaakati, akawungeezi kano twagala tutandike nga tussaawo omusingi omutonotono ogw'eky'okuyigako kyaffe ekya luli. Era nja kugezaako okusoma, kubanga, essuula yonna mu bulamba, bwe nnaaba nsobodde akawungeezi ka leero. Kibeere nti ndyongerezaako bwongereza ku Ssande ku makya wamu n'akawungeezi, bwe kitaabe na buzibu bwonna, ngezaako okuyingira mu ntegeka eno gye njagala ekkanisa erabe. Ha, kya kitiibwa okuzuula ekifo kyo! Ate tewali muntu yenna asobola kubaako ky'akola okuggyako nga omanyi bulungi ky'okola.

7 Watya ssinga obadde ogenda ku...kulongoosebwa, nga waliwo dokita omuto eyaakava mu ssomero nga ya...nga talongoosangako. Wabula nga, muto era alabika bulungi, nga n'enviiri ze azisaniridde bulungi zinyirira, nga ayambadde na bulungi, anyirira yenna, n'ebirala byonna. Kati n'akugamba nti, "Ebiso mmaze okubiwagala era n'ebyuma byonna ebigenda okukozesebwa mbiyisizza mu ddagala eritta obuwuka." Naye ekyo wandiwulidde muli nga olinamu akankunkuna mu ggwe. Nze nnaandyagadde dokita omukulu

eyali alongoosezzaako emirundi egiwera, nga sinnakkiriza kulongoosebwa. Na—nnandyagadde okumanya oba omuntu ono si muntu eyaakafuluma obufulumi ettendekero, nnandyagadde omuntu alina ku bumanyirivu.

8 Era Oyo asingayo mu bonna okuba n'obumanyirivu gwe mmanyi, gwe nsobola okukowoola akawungeezi kano, ye Mwoyo Omutukuvu. Ye Musawo wa Katonda omukulu era Omusomesa omukulu.

9 Era nga bwe nteekawo omusingi ku lw'Obubaka bwange akawungeezi kano, okuva ku bubaka bwa Ssande, obwali bugamba nti, baagaana Samwiri eyalina Ekigambo kya Mukama, ne bakkirizaamu Sawulo omwana wa Kiisi, ne bagaana Samwiri, eyali ekifaananyi ky'Omwoyo Omutukuvu, kubanga yayogeranga nga Omwoyo bwe yabanga amuluŋŋamizza okwogera. Era bwe yabajjukiza, yabagamba nti, "Mujjukire, tewali kye nnali mbagambye mu Linnya lya Mukama ye Mukama n'atakituukiriza. Era sitambulangako bubi mu maaso gammwe. Era tewali ayinza kunvunaana kibi."

Nga Yesu bwe yagamba nti, "Ani asobola okunvunaana ekibi?" Mukiraba?

10 N'agenda mu maaso n'abagamba nti, "Sijjangako gye muli ne mbasaba ssente newankubadde ekintu kyonna. Sirina kyammwe kyonna kye nnali ntutte. Wabula byonna bye njogedde mbyogeddenga ku lwa bulungi bwammwe, bye mbaleeteddenga okuva mu kamwa ka Mukama."

11 Era abantu bonna ne bakakasa nti, "Ekyo kituufu. Ebyo byonna bituufu, naye era twagala kabaka. Twagala kufaanana nga abalala bonna."

12 Kati, akawungeezi kano, Ekyawandiikibwa kyaffe kikwata ku kugabanya. . . Ekitabo ky'Abaefeso, kye Kitabo kya Yoswa eky'Endagaano Empya. Okugabanya wamu n'okuteeka mu bifo byabwe ebituufu "abo abawangudde." Kati, tugenda kussaawo omusingi okumala eddakiika entonotono, okubaako we tufuna nga tetunnatandika kusoma, okutandikira ku lunyiriri olw'o 3. Kati, twalaba ekiro kya Sande eyayita nti. . . Katonda mu Ndagaano Enkadde yali yasuubiza Isiraeri ensi mwe baliwummulira, kubanga baali bafuuse batambuze era abayise. Era bwe baali mu nsi etaali yaabwe, Katonda yasuubiza okuyita mu Ibulayimu nti aligenda. . . ezzadde lye lirigenda ne limala emyaka ebikumi bina mu bantu be batamanyi era baliyigganyizibwa, naye olw'omukono ogw'amaanyi Alibaggyayo n'abatwala mu nsi ennungi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.

13 Era, kati, ekiseera ky'ekisuubizo bwe kyasembera, Katonda aliko omuntu gwe yayimusa okusobola okubatwala mu nsi eyo. Bameka abali mu kibiina akawungeezi kano oyo. . . abamanyi yali ani oyo? Musa. Mwetegereze, ekifaananyi ddala,

kyennyininnyini, eky'Oyo eyatuweebwa okututwala mu Nsi ensuubize, Kristo. Kati tulina ekisuubizo, kubanga ekisuubizo ekyaffe Kiwummulo kya mwoyo, nga ate, ekyabwe kyali kiwummulo kya mubiri. Na bwe kityo baali bagenda mu nsi mwe baali basobolera okugamba nti, "Eno nsi yaffe, tetukyali batambuze, kaakano tukkalidde, eno nsi yaffe, era wano tulina ekiwummulo. Tugenda kwesimbira kasooli owaffe, ensuku z'emizabbibu, era tujja kulya kuva mu nsuku zaffe ez'emizabbibu. Bwe tulifa, tuzirekere abaana baffe."

14 O, nga tusobola okuyiga ku bikwata ku nsi eyo, amateeka g'obusika, nga Nawume ne Luusi, Bowaazi, byonna ebyo ne tubiggyayo, ne tulaba engeri ow'oluganda mu Israeri, engeri gye yali ateekwa oku. . . ekintu kyonna kye yabanga afiiriddwa gye kyali kiteekwa okununulwa omununzi amulinako oluganda. Ha, nga kiyitirivu obulungi! Kyanditutwalidde wiiki ne wiiki ne wiiki ne wiiki, essuula eno tetwandigimalirizza, ssinga tuba ba kukikwatako. Bayibuli yonna mu bulamba bwayo tusobola okugizingira mu kino eno, mu ssula emu eno.

15 Era, ha, nga nnyumirwa nnyo okugiyigako. Twagiyigangako, ne tugimalako omwaka mulamba n'ekitundu, nga tetuva ku Kitabo nga tekinnaggwa. Nga tukinnyikiriza ddala.

16 Kaakati, naye, obusika obwo kyali kintu kikulu nnyo, engeri obusika obwo gye bwabangamu mu nsi nga tewali mulala yenna ayinza kununula busika obwo okuggyako oyo amulinako oluganda nga wa ku lusegere. Kati, leka mbeeko akabonero akatonotono wano ke nkoonako ke nnakwatako akawungeezi ka luli, eri mmwe bamaama. Bameka abali wano abasabiddenga abaagalwa bammwe, abaabula? Kale. N'era kiikyo, okiraba, "Obusika bwo." Mukiraba?

17 Pawulo yagamba Omuruumi, nti, "Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, olwo ggwe n'ab'ennyumba yo, munaalokolebwa." Bw'oba wafuna okukkiriza okwakumala okulokolebwa nga ggwe, era beera n'okukkiriza okumala, si nsonga omulenzi oyo, oba omuwala oyo, ayonoonese kwenkana wa, mu buli ngeri ajja kulokolebwa. Katonda, mu ngeri emu oba endala! Bw'Aba kimwetaagisa kumugalamiza ku mugongo, n'abeera wyo mu ddwaaliro, nga afa, ajja kulokolebwa. Katonda yakisuubiza. Obusika! O! "Era balibaayo," bw'agamba Isaaya, "n'ezzadde lyabwe lyonna. Tebiriruma newankubadde okuzikiriza ku lusozi Lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera Mukama."

18 Ha, waliwo akatundu ke nnina ka nsuubire nnaakatuukako akawungeezi ka leero, ne nkababuulira. Kanjokya mu mutima, kakwata ku ekyo kakomawo ku ekyo.

19 Naye kati, ka tweyongere mu maaso. Kati mwali mukyetegerezza nti Musa, omukozi w'ebyamagero oyo ow'ekitalo eyaleeta Israeri okubayisa mu nsi, n'abatuusa ku mugguukiriro gw'ensi ensuubize, wabula teyabakwasa

busika bwabwe? Obusika bwabwe teyabubakwasa; yabaleeta n'abatuusa ku mugguukiriro gw'ensi, naye Yoswa abantu ye yabagabanyizaamu ensi. Si bwe kiri? Ne Kristo naye yaleeta ekkanisa n'agituusa ebyabasuubizibwa we byali, we byabaweerebwa, nga babuzaayo kusomoka busomosi Yoludaani, naye Omwoyo Omutukuvu y'Ateeka Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu mw'erina okuba. Yoswa wa leero y'ateeka Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu mw'erina okuba, nga awa buli omu, ebirabo, ebifo, eby'okukola. Era Ye ly'Eddoboozi lya Katonda eryogerera mu muntu ow'omunda Kristo gwe yalokola, Omwoyo Omutukuvu. Kati ekyo kyonna mukitegeera? Kati tuyingira mu Kitabo ky'Abaefeso. Kaakati, mu ngeri y'emu, Ali mu kuteeka Ekkanisa mu bifo mwe bateekwa okuba. Kati, Yoswa yabateeka mu nsi ey'omubiri. Kaakano Omwoyo Omutukuvu ateeka Ekkanisa, mu bifo byabwe, mu nsi, gye ba, mu bifo mwe bateekwa okuba, mu busika bwabwe.

20 Kati, ekisooka ky'atandika nakyo wano, awandiika ebbaluwa ye n'agamba nti, "Pawulo . . . " Kye, tugenda okuzuula oluvannyumako nti ekyama kino kyonna tekyamubikkulirwa, mu ttendekero lya bya ddiini, tekyamubikkulirwa muntu yenna eyasomerera eby'eddiini, wabula kwali kubikkulirwa okw'Obwakatonda okw'Omwoyo Omutukuvu Katonda kwe yawa Pawulo. Nga bwe tumanyi nti ekyama kya Katonda, yagamba, ekyali kyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, kyali kimubikkuliddwa Omwoyo Omutukuvu. Era Omwoyo Omutukuvu mu bantu yali abateeka mu nkola entuufu mwe balina okuba, nga ateeka ekkanisa mu kifo kyayo.

21 Kati, ekisooka Pawulo ky'atandika nakyo wano ky'agamba abantu, kwe kufuna . . . Mujjukire, kino kigenda eri Kkanisa, so si oli ow'ebweru. Eri oyo kyama ekikusike, ky'atayinza n'akatono kutegeera, kimuyita buyisi ku mutwe, takitegererako ddala wadde akatono bwe kati. Naye, eri Ekkanisa, gwe mubisi gw'enjuki mu lwazi, lye ssanyu eritayogerekeka, bwe bukakafu obw'omukisa, lye ssika ly'emmeeme, lye ssuubi lyaffe era okubeerwa kwaffe, lwe Lwazi olw'edda n'edda, ha, kye buli kyonna ekirungi. Kubanga eggulu n'ensi biriggwawo, naye Ekigambo kya Katonda tekiriggwaawo.

22 Naye omuntu ali wabweru wa Kanani talina ky'akimanyiiko wadde n'akatono, akyabungeeta. Sigamba nti si muntu mulungi, ekyo si kye ŋŋamba. Ssigamba nti omuntu akyali e Misiri si muntu mulungi, naye a . . . alina okusooka okuyingira mu busika buno.

23 Ate obusika, obwo, ekisuubizo ekyaweebwa Ekkanisa si nsi ey'omubiri, wabula nsi ey'omwoyo, kubanga tuli bakabona ab'olulyo olulangira, eggwanga ettukuvu. Kale bwe tuba mu bwakabona buno obw'ekirangira, nga tuli ggwanga ttukuvu, tuli bantu ba nvuma, abaayitibwayo, abaalondebwa, abeerobozebwa, ne bateekebwa ku bbali,

awo eby'ensi ey'ebweru byonna biba bifu gye tuli. Era tuba tukulemberwa Mwoyo Omutukuvu. Abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala bakulemberwa Mwoyo wa Katonda; tebakulemberwa muntu, wabula bakulemberwa Mwoyo.

24 Bonna wamu mu kwagala, era ekintu kyonna kisibiddwa mu kinywa kati. Kino bagezezzaako okukiyigirizaako emirundi egiwera, era nkakasa nga waliwo abaasomerera eby'eddiini ab'ekitalo abaakigenda ebuziba ennyo n'onkusinga. Naye kye ngezaako okubalaga kye kino nti: omuntu ali mu Kristo, nga alina Omwoyo Omutukuvu, asobola okugumiikiriza omuntu omulala bw'aba amusobezza; okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obugumiikiriza; aba wa mutima mulungi, muwombeefu, mwesigwa, nga ajjudde Omwoyo; tabeera na ndowooza emalamu maanyi; lubeerera abeera na ndowooza nnuŋŋamu; abeera muntu wa njawulo.

25 Si muntu ono agamba nti, "Naffe lumu twakirina. Bwe tuba twaleekaanako, kitegeeza twakirinako, ffe Abamesodisiti. Ha, lwe twaleekaana, twali mu Nsi eyo." Ekyo kirungi, tekirina mutawaana, ekyo nakyo nkikkiriza.

26 N'Abapentekoote nabo ne bajja n'okwogera ennimi, ne bagamba nti, "Bakirina; buli ayogera mu nnimi nga akirina." N'ekyo nakyo nkikkiriza. Naye era twagenda okumaliriza nga bangi baali tebamulina, olaba. Mukiraba? Kaakati bali . . .

27 Kaakano tujja ku kyama kino eky'ekitalo ekikusike ekibadde kyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi naye kaakano ekibikkuliddwa mu nnaku ez'oluvannyuma eri abaana ba Katonda. Ekyo mukikkiriza okuba nti ge mazima, nti abaana ba Katonda balabisiddwa? Nga tetunnaba na kweyongera wantu wonna, leka tubikkule mu Baruumi essuula ey'o 8 mu kaseera katono, leka mbeeko ne kye mbasomera. Tulabe oba nga kino kikwatagana ne kye njogerako wano. Kati tugenda kubikkula mu Baruumi 8, olunyiriri olw'e 19 olw'e—olw'essuula ey'o 8 eya Abaruumi:

> *Kubanga okutunuulira ennyo . . . okw'*ebitonde *kulindirira* okulabisibwa *kw'abaana ba Katonda.*

28 Wamu n'okulindirira ennyo, obutonde bwonna bulindirira okulabisibwa. Mukiraba, okulabisibwa! Okulabisibwa kye kiki? Kwe kumanyisibwa!

29 Ensi yonna. Abagoberezi ba Muhammadi emitala, bakinoonya. Buli wamu, wonna, bakinoonya. "Abantu bano bali ludda wa?" Tubadde ne . . . Tulabye omugendo gw'embuyaga ey'amaanyi, ne tulaba ogw'okubwatuka kw'eggulu n'okumyansa, ne tulaba ogwa amafuta n'omusaayi, tulabye ebintu ebya buli ngeri, naye tetuwuliddeemu Ddoboozi eryo ettono ery'eggonjebwa eryasikiriza nnabbi eryamuviirako okwezingirira omunagiro n'afuluma, n'agamba nti, "Nzuuno, Mukama." Mulaba?

30 Kati obutonde bwonna businda era bulindirira okulabisibwa kw'abaana ba Katonda. Kati, Pawulo agenda kusooka ateeke Ekkanisa mu kifo kyayo wennyini w'erina okuba. Kaakati okusobola okufuna omusingi, leka tuddemu tusome:

> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, eri abatukuvu* (nga be "baatukuzibwa") *abali mu Efeso, ne . . . abeesigwa mu Kristo Yesu:*

31 Kaakati, okukakasa nti ekibiina tekikyerabira, tuyingira tutya mu Kristo? Twegatta bwegassi ku kkanisa okuyingira mu Kristo? Twatula bwatuzi okuyingira mu Kristo? Tunnyikibwa bunnyikibwa mu mazzi okuyingira mu Kristo? Tuyingira tutya mu Kristo? Abakkolinso Ekisooka essuula ey'e 12, "Kubanga ku bw'Omwoyo omu," ennyukuta ennene O-m-w-o-y-o omu, nga oyo ye Mwoyo Omutukuvu, "ffenna tubatizibwa okuyingira mu Nsi ensuubize."

32 Mu Nsi eno ensuubize, buli kimu ekiri mu Nsi ensuubize, kyaffe. Okiraba, Ow'oluganda Collins? Mukiraba, buli ekiri mu Nsi ensuubize! Isiraeri bwe baasomoka omugga guno ogwa Yoludaani, ne bayingira mu nsi ensuubize, baameggana na buli kimu!

33 Kati mujjukire, okubeera mu Nsi ensuubize eno, ekyo tekitegeeza nti tokyasobola kulwala, tekitegeeza nti tokyajjirwa mitawaana. Wabula kitegeeza kino, (Ha! leka kino kinnyikire buziba.), kitegeeza kino, nti yiyo! Golokoka ogitwale! Olaba? Ddi . . .

34 Era, mujjukire nti, omulundi gwokka Isiraeri lwe yafiirwako omuntu, gwe mulundi ekibi lwe kyayingira mu lusiisira. Eyo y'engeri yokka gye tusobola okufiirwamu o—obuwanguzi, nga ekibi kiyingidde mu lusiisira, nga waliwo awali ekikyamu. Akani bwe yabba olulimi lwa zzaabu olwo n'ekyambalo ekyo eky'Ekibabulooni, awo ekibi kyali kiyingidde mu lusiisira, era olutalo lwagootaana.

35 Mmwe mumpe kino—mumpe ekkanisa eno akawungeezi kano, ekibiina ky'abantu kino, nga batuukanidde ddala, nga batuukanidde ddala n'ekisuubizo kya Katonda kyennyini, wamu n'Omwoyo Omutukuvu, nga batambulira mu Mwoyo, nsoomooza endwadde yonna oba okunyigirizibwa kwonna, oba ekintu kyonna, buli Joe Lewis yenna ali mu ggwanga, n'obutakkiriza bwe bwonna, n'abatakkiriza bonna aba buli ngeri, okuleeta abalwadde aba buli kika n'abanyigirizibwa babayingize wano, nabo bajja kufuluma wano nga bawonedde ddala. Yee, ssebo. Katonda yakisuubiza, ekibi ky'obutakkiriza kyokka kye kisobola okukiziyiza okubaawo. Kati tugenda kulaba ekibi kino kye kiri, mu kaseera katono. Kaakati:

> . . . abo abali *mu Kristo Yesu:*
>
> *Ekisa kibeerenga gye muli, n'emirembe, okuva eri Katonda Kitaffe, ne . . . Mukama Yesu Kristo.*

Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwadde *buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo, mu—mu Kristo:*

36 Bwe tuba mu Kristo, tuba n'emikisa egy'omwoyo. Bwe tuba wabweru wa Kristo, tuba na kukyamuukirira. Mu Kristo tubeera na mikisa emikakafu ddala. Si kugeegeenya bugeegeenya, si kugingirira, si kwolesa kye tutali. Naye kasita obeera nga ogezaako okugamba mbu oli mu Nsi ensuubize, nga si mw'oli, ebibi byo biba bijja kukukwekula. Era, ojja kwesanga, nga ebintu ojingirira bijingirire nga—nga wenna, olinga bwe tukiyita mu nsi, weerimba bwerimbi. Ojja kukizuula nti ky'oyogerako tokirina. Naye bw'obeera mu Kristo Yesu, Yakusuubiza emirembe gy'omu Ggulu, emikisa egy'omu Ggulu, Omwoyo w'omu Ggulu, buli kimu kikyo. Oba mu Nsi ensuubize era nga buli kimu kyonna kikyo. Amiina. Nga kiyitirivu obulungi! O, leka tusome twekkaanye:

Nga bwe yatulondera . . .

37 Kaakati, wano ekkanisa w'esinga okwesittalira ennyo.

Nga bwe yatulondera mu Ye . . . (Mu Ani?) Kristo.

38 Kati tukiraba nti, emabega eri mu—mu Lubereberye ne mu Kubikkulirwa, Okubikkulirwa 17:8, nti yatulondera mu Kristo nga n'ensi tennabaawo. Kati, ekigambo . . . Leka nsome ekiddako:

. . . nga ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge . . .

Bwe yatwawula edda . . .

39 Kaakati njagala nsooke nkome awo ku Kigambo ekyo "yatwawula." Kati, *okwawulibwa* si kugamba nti, "Nja kulonda Ow'oluganda Neville, ate Ow'oluganda Beeler ye si—si—si—si—sijja kumulonda." Si ky'ekyo. Wabula kwe kumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo okwategeera ani aliba omutuufu n'ani ataliba mutuufu. N'olwekyo, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo, Katonda bwe yamanya ky'Agenda okukola, Yateekateeka olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo okukola ebintu byonna bikolere wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda, mu mirembe egigenda okujja, Alyoke, aleete wamu ebintu byonna mu Omu, nga ye Kristo Yesu.

40 Ka mbeeko akafaananyi wano ke mbakubira. Kirungi. Tuddayo, nzikiriza nnakyogerako katono akawungeezi ka luli, oba nnakikoonako, mu Lubereberye, essuula 1, 1:26, Katonda bwe yayita Erinnya Lye, "Mukama Katonda," kiri mu kigambo El, Elah, Elohim, ekitegeeza "Oyo abeerawo yekka era ku bubwe." Tewaali kirala kyonna kyaliwo okuggyako Ye yekka. Tewaaliwo mpewo, tewaaliwo kitangaala, tewaaliwo mmunyeenye, tewaaliwo nsi, tewaaliwo kintu kirala kyonna.

Waaliwo Katonda, era Katonda yekka, El, Elah, Elohim. Kaakati, ekyo Ye yakikola.

41 Munda mu ekyo mwalimu obusobozi obutali bwa ngeri emu obutegeeza nti Yali. . . Munda mu El, Elah, Elohim mwalimu obusobozi obutali bwa ngeri emu oba e. . . Mumanyi *obusobozi* kye kitegeeza, oba leka ŋŋambe bwe nti, mwalimu "enkula." N'omuto asobole okukitegeera, era ndi omu ku bato abo abalina okukitegeera mu ngeri eyo. Munda mu Ye mwalimu enkula ey'okubeera Taata, naye Yali abeerawo yekka ku bubwe, tewaali kintu kyonna ky'Ayinza kubeera Kitaawe waakyo. Era, kati, munda mu ekyo mwalimu n'ekintu ekirala, nga ekyo kwe kuba nti Yali Katonda; ate katonda kitegeeza ekyo ekisinzibwa; naye ate Yali abeerawo yekka ku bubwe, El, Elah, Elah, Elohim, Kale tewaaliwo kintu kyonna kya kumusinza. Munda mu ekyo, Yali Mulokozi, naye tewaaliwo kyali kyabula kyetaaga kulokolebwa. Mukiraba? Munda mu ekyo, Yali Muwonya, mulaba, naye tewaaliwo kyali kirwadde kyetaaga kuwonyezebwa, tewaaliwo kintu kyonna kigenda kulwala. Kaakati ekifaananyi mukifuna? N'olwekyo obusobozi Bwe obwamulimu, enkula Ye yavaamu ekyo ekiriwo leero.

42 Abantu abamu babuuza nti, "Naye, kati lwaki Katonda teyakiyimiririzaawo ku ntandikwa?" "Katonda oyo nsolo ey'omutima ogw'ettima," bw'atyo Joe Lewis bwe yagamba, eyasalira Joe omusango, manya Jack Coe, mulaba. Yagamba nti, "Talina kirala ky'Ali okuggyako okuba ensolo ey'omutima ogw'ettima. Teriiyo kintu kyonna kiyitibwa Katonda. Singa kyaliyo, Yandibadde. . . " Ha, na. . . yamuyita amannya aga buli kika, laba. Naye ekyo kiri lwa kuba nti ayinza okuba nga amanyi bingi nnyo waggulu *wano,* wabula nga munda *muno* talinaamu kantu konna.

43 Kati, ekyo, omwo mwe kibeera. Mulaba? Ekigambo kino kikitegeeza wano eno, ate Yakikweka. Era ebyama bino bibadde byakwekebwa kati, mujjukire, Bayibuli egamba nti, "Okuva ku kutondebwa kw'ensi, nga birindiridde okulabisibwa kw'abaana ba Katonda," okubooleka eri ekkanisa. O, bannange! Mukifuna?

44 Kati ŋŋenda kusooka nnyimirizeemukko katono ku kagero kange, oba nja kuleeta. . . ka ŋŋende ku kirowoozo ekiddako kino okusobola okukijjayo. Kati mujjukire, okuyita mu biro bya Musa byonna, n'emabega eri mu biro bya bannabbi, okuyita mu mirembe gyonna, bazzenga balindirira okutuusa ennaku zino ez'oluvannyuma nga balindirira ebintu bino okulabisibwa, okusinziira ku Byawandiikibwa. Ekyo bwe kiri, byo okusobola okubikkulirwa eri abaana ba Katonda. Lwaki? Okuva ku baabula. . . okutuusa okufaanana nga piramiidi, nga bwe nnagambye, nga tujja tuzimba tweyongera okusembera, tweyongera okusembera, tweyongera okusembera, tweyongera okusembera.

45 Nga bulijjo bwe njogeddenga, ne ŋŋamba nti, Katonda yakola Bayibuli ssatu. Eyasooka, Yagiteeka mu bwengula, eyitibwa zodiac. Mwali mulabye ku zodiac? Kifaananyi ki ekisooka mu zodiac? Embeerera. Kifaananyi ki ekisembayo mu zodiac? Leo nga y'empologoma. Yajja omulundi ogwasooka eri embeerera, Ajja omulundi ogw'okubiri nga Empologoma y'ekika kya Yuda. Mukiraba?

46 Eyaddako Yagikola mu piramiidi, edda mu biro bya Enoka, we baazimbira piramiidi. Bazipima n'okuzipima. Ebyo nze ssibitegeera. Naye bwe babeera mu ntalo, bakka ku maviivi gaabwe okumala akaseera, ne bapima obuwanvu bwe babeera mu ntalo. Kati mumanyi kye basinziirako nga bapima? Bapima basinziirira ku kisenge kya kabaka. Era piramiidi eno nga bw'eyambuka waggulu. . . Ffe tetusobola kugizimba, ne byonna bye tulina leero. Tetuyinza kugizimba.

47 Yazimbibwa edda waggulu *bw'eti,* okutuuka ku kasongezo. Naye ejjinja ery'oku. . . Ejjinja eritikkira terizuulibwanga. Tebaateekako jjinja litikkira ku ntikko ya piramiidi. Simanyi oba mukimanyi oba temukimanyi, piramiidi ya Misiri ennene, teyaliiko jjinja ku ntikko yaayo. Lwaki? Ejjinja eritikkira lyagaanibwa, Kristo, ejjinja ery'oku Ntikko, olaba, yagaanibwa.

48 Naye nga bwe tukula okuva mu mulembe gwa Luther, omulembe gw'Ababaputisiti, omulembe gw'Abamesodisiti, omulembe gw'Abapentekoote, kati tutuuse ku Jjinja eritikkira, mukiraba, nga tulindirira era tuyaayaanira Ejjinja eryo eritikkira okukka wansi, ekizimbe kiwedde. Temukisomangako mu Byawandiikibwa nti, "Ejjinja lyagaanibwa"? Weewaawo, tukiraba nti ekyo kyali kyogera ku yeekaalu ya Sulemaani. "Naye Ejjinja lye baagaana lifuuse Ejjinja ekkulu ery'oku nsonda." Era kino nkyogera ku—ku—ku—kubaako kifaananyi kye mbajjirayo.

49 Kati, bw'otunula ne mu Bayibuli, tuli mu nnaku za luvannyuma, entikko ya piramiidi, ebyennyanja ebibiri ebyeyisiŋŋanya mu mulembe gwa kkookolo mu zodiac, mu kiseera ky'okujja kwa Leo empologoma, mu jjinja eritikkira, era ne mu nnaku ez'okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, mu Bayibuli, mukiraba. Mulaba we tuli? Tuli ddala ku nkomerero.

50 Bameka abasomye amawulire wiiki eno, Khrushchev ne banne bye baagambye? Ha, beetegese; naye naffe twetegse. Amiina. Tuli beetegefu! Kirungi, olaba. Ha, nga—nga—nga mukisa gwa maanyi, nga kiseera kikulu! Singa Abakristaayo basobola okutegeera ekiseera kye tulimu! Bannange!

51 Kiki kye mulowooza? Ku muwandiisi w'Ekitabo kino, eyakiraba, n'alaba ekiseera mwe kulirabisibwa mu nnaku ez'oluvannyuma, nga obutonde bulindirira era nga businda ku lw'abaana ba Katonda ab'okusituka mu nnaku ez'oluvannyuma, n'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu ku nkomerero y'omulembe,

okubikkula ebintu ebikusike ebyakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, okubiggyayo bitegeerebwe.

52 Kati ka tuddeyo ku "kutondebwa kw'ensi" nate, tufune okubikkulirwa, tulabe oba nga tuli batuufu oba nedda. Ka nsuubire nti ssiwulikika nga avvoola bwe mpita Katonda, "Taata," naye njagala nkyogere bwentyo musobole okukitegeera. Taata! Taata yayagala abeere n'abaana, kati Yakola ki? Yagamba nti, "Leka wabeewo Bamalayika." Era ne bajja w'Ali ne bamwetooloola. Ha, ekyo kirabika kirungi. Ne bamusinza, olwo n'Aba Katonda, obusobozi obw'enjawulo obwamulimu. Mujjukire, Yali El (E-l), Elah, Elohim, abeerawo ku bubwe yekka, nga tewali kirala kyonna okuggyako Ye. Ekyasooka okuba w'Ali baali Bamalayika. Naye kati, Bamalayika tebaalina kirala kyonna kye basobola kukola okuggyako okusinza. Baali tebasobola kubula. Kale, Baali tebasobola kulwala, Baali bitonde ebitafa. Kale, Yali tayinza kwolesa maanyi Ge agawonya, Yali tayinza kwolesa bulokozi Bwe. Kati ekyabaawo, okusooka, kati leka . . .

53 Kati oluvannyuma lw'ekyo, n'Agamba nti, "Tukoleyo ekintu ekikwatikako." Bw'atyo n'Atonda ensi. Era bwe Yatonda ensi, Yatonda ebitonde byonna ebiri ku nsi, oluvannyuma n'Atonda n'omuntu. Buli kintu ekyava mu nsi, okutandikira ku—ku kakulwe manya ekyennyanja kye bayita jellyfish, olubiribiri olutengejjera ku mazzi, yatandikira ku ekyo, n'a. . .mu ekyo ne muvaamu ekikere, nga obwo bwe bulamu obusembayo okuba obwa wansi obumanyiddwa, bwe batyo bwe bagamba, nti kye kikere. Obusingayo okuba obwa waggulu ye muntu. Mu kikere ne muvaamu omunya, okuva mu munya ne bigenda nga byeyongerayo ne byeyongerayo ne byeyongerayo, era buli mulundi Omwoyo Omutukuvu lwe yayitanga be "whooosh," n'assa omukka, nga wavaayo obulamu obulala; "whooosh," ne wavaayo obulamu obusinga ku bubaddewo. Okugira kuti, ne wavaayo ekintu ekiri mu kifaananyi kya Katonda, nga oyo ye yali omuntu. Tewabangawo kintu kyonna, tekibangawo, tewalitondebwayo, kintu kiri waggulu wa muntu, kubanga omuntu ali mu kifaananyi kya Katonda. Mukiraba?

54 Kati omuntu oyo, bwe Yakola omuntu We eyasooka, kati, bwe Yakola Bamalayika Be, Yakola omuntu, "Yabatonda bombi omusajja n'omukazi," nga bombi bali mu mubiri gwe gumu. Yali byombi omusajja n'omukazi, nga alimu obutonde bw'omusajja n'obw'omukazi. Bwe Yatonda Adamu n'Amuteeka mu mubiri, mujjukire nti, mu Lubereberye 1, Yakola omusajja n'omukazi, ate mu Lubereberye 2, tewaaliwo muntu wa kulima nsi, omuntu ow'omubiri. Tewaaliwo muntu ayinza kubaako ky'akwata n'alima ensi, ate nga waaliwo omuntu mu kifaananyi Kye. "Era Katonda . . ." [Ekibiina kiddamu nti, "Mwoyo."—Omuk.] Bwe kiri. Mukiraba? Yatonda omuntu eyasooka, "omusajja

n'omukazi bw'atyo bwe Yabatonda." Kati, bwe yatonda omuntu eyasooka . . .

55 Kati, mujjukire nti, byonna byonna awamu Yabirina mu ndowooza Ye. Era ekyo nnakiyitamu ku Ssande akawungeezi. E—ekigambo kiba kirowoozo ekyogeddwa. Katonda yalowooza bw'Ayinza okuba Katonda, bw'Ayinza okusinzibwa, bw'Ayinza okuba Omuwonya, bw'Ayinza okuba Omulokozi; era olwayogera Ekigambo ati, ne kiggwa emirembe n'emirembe. Ha, ssinga abaana ba Katonda bano basobola okunyweza Ekigambo ekyo bwe batyo! Katonda bw'ayogera Ekigambo, kiba kiwedde! Mazima ddala! Ayinza okuba Yalinda . . . Ab'ensengeka y'ebiseera n'ebintu nga bwe bibaawo bagamba nti, manya abakugu abeekenneenya ebyasigalira by'ebyafaayo n'abalala ab'enjawulo, bagamba mbu kiyinzika okuba nga ensi yali eweza obukadde n'obukadde, n'obukadde bw'emyaka. Simanyi, eyinza okuba yali eweza buwumbi na buwumbi bwa myaka. Simanyi yali ebaddewo kumala bbanga ki. Katonda tabeera mu biseera. Tasuulangako wadde eddakiika n'emu bw'eti okuva we Yagyogerera n'ebaawo. Akyali Katonda. Ye taliiko biseera.

56 Ekyo nnali sikimayi bwe ntyo okutuusa akawungeezi ka luli, manyanga, amakya ga luli. Butaggwaawo, tewali ggulo, tewali nkya, byonna biri kati. Mwali mwekenneenyezza ekigambo "NDI"? Si "Nnali" oba "Ndiba," kya Butaggwaawo, "NDI," mukiraba, "NDI," lubeerera.

57 Kaakati, naye Yayagala ebintu abiteeke mu biseera. Yalina okubaako ky'akola eky'okusinza, obusobozi Bwe obwamulimu kye bwava buvaamu kino. Bw'atyo n'Akola omuntu. Kati, mu muntu ono, yalabika nga muwuubaavu. N'olwekyo, kati, okusobola okulaga endowooza Ye ey'ekitalo, kye Yalina mu kifaananyi ekikwata ku Kristo n'Ekkanisa, teyatoola kitole kya bbumba kirala kukolamu mukazi, wabula Yasowola mu luuyi lwa Adamu, olubiriizi; n'ayawula ne ku mwoyo wa Adamu, omwoyo gw'obutonde obw'omukazi, n'aguteeka mu lubiriizi luno. Bw'olaba omusajja eyeeyisa nga omukazi, waba waliwo ekikyamu. Ne bw'olaba omukazi ayagala okweyisa nga omusajja, era waba waliwo ekikyamu. Olaba, waba waliwo ekikyamu. Egyo myoyo ebiri, egy'enjawulo. Wabula, gy'ombiriri wamu, gikola ekintu kimu, "ababiri bano bali omu." Kale Yakola omukazi n'omusajja, era tebaali ba kukaddiwa, tebaali ba kufa, tebaali ba kumera nvi, yadde akatono. Baalyanga, baanywanga, beebakanga, nga bwe tukola, naye baali tebamanyi kibi kye kitegeeza.

58 Kati kino wano ŋŋenda kukibuuka nkirekere eky'okuyigako ekirala eky'omulundi omulala, ekikwata ku zzadde ly'omusota. Nga ekyo, kye baŋŋamba okumenyewo nti si kituufu. Naye njagala wabeewo ajja andageyo ekirala ekyawukana nakyo. Ekyo kye njagala okumanya, mulaba.

59 Kati, naye bino byonna nga bimaze okubaawo, ekibi ne kiyingirawo, kiki ekyaddirira?

60 Waggulu ddala eri, waggulu, mayiro kakadde, mayiro obukadde kikumi, waliyo ebbanga eddene *liti*, era okwo kwe kwagala okutaliiko kamogo okwa agapao. Buli lw'osenvula ekigere okudda wansi *eno*, nga lifundayo yiinci emu. Era we lituukira ku nsi mumanyi bwe linaaba lyenkana. Libeera lisigadde kisiikirize kya kisiikirize kya bisiikirize. Kati ekyo ky'olina, ekyo kye nnina, kisiikirize kya kisiikirize kya bisiikirize bya kwagala okwa agapao.

61 Mu ggwe mulimu ekintu, mu buli mukazi yenna ali wano asusse emyaka amakumi abiri mulimu ekintu, mu buli musajja yenna ali wano asusse emyaka amakumi abiri mulimu ekintu, ekimuwuliza nga yandyagadde asigale bw'atyo. Olina emyaka etaano gyokka, egyo kwe kuva ku kkumi n'etaano okutuuka ku abiri. Okuva ku abiri otandika okufa. Naye, okuva ku kkumi n'etaano, awo obeera waakavubuka. Bw'omala n'okula n'oweza abiri. Bw'osukka abiri, ha, ggwe oyinza okugamba nti, "Nkyali muvubuka muto." Ekyo okyogera bwogezi, naye oba tokyali. Obeera ofa era nga oggwaawo, ne bw'okola otya. Katonda yakukola nga egyo gye myaka gy'olina okutuukako, naye era oli wa kufa. Kaakati kiki ekiddirira? Kati otandika okufa, naye munda mu ggwe mubaamu ekigamba nti, "Njagala kuddayo kuba wa myaka kkumi na munaana."

62 Kati nnina kye njagala okubabuuza. Watya singa wazaalibwa emyaka bikumi bitaano egyayita, n'osigala nga oli wa myaka kkumi na munaana okutuusa leero? Nneewuunya oba tewaandibadde mukadde eyava ku mulembe, n'endowooza zo ezo ez'emyaka ebikumi ebitaano egyayita! Nga wali muwala muto mu kiseera bajjajjaffe abatambuze bwe baali tebannajja wano, nga olina endowooza bw'etyo. Bwe kiba bwe kityo, kyandibadde kisingako n'okaddiwa n'owangaala emyaka ebikumi bitaano. Mukiraba, waliwo ekikyamu.

63 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, nze kati mpulira bulungi nnyo, Ow'oluganda Branham. Ha, nni—nni—nnina emyaka kkumi na munaana, nnina emyaka kkumi na mukaaga, mpulira bulungi." Mukwano, leka mbeeko kye nkubuulira. Okakasa otya oba maama wo akyali mulamu mu kaseera kano kennyini, bw'aba tali wano eno mu kkanisa? Okakasa otya oba muganzi wo omulenzi teyattiddwa mu ddakika entono ezaakayita, oba muganzi wo omuwala? Okakasa otya oba nga we bunaakerera enkya ku makya temuube na mulambo ewammwe? Okakasa otya oba onaafuluma ekkanisa akawungeezi kano, nga oli mulamu? Kintu ky'otalinaako bukakafu. Tewali kintu kikakafu. Oba oli wa myaka kkumi n'etaano, oba kkumi n'ebiri, oba kkumi na mwenda, oba nsanvu mu etaano, oba kyenda, waliwo . . . buli kimu tetukirinaako bukakafu. Tomanyi w'oyimiridde. Naye ate nga oyaayaana okuddayo

okuba ow'emyaka ekkumi n'etaano, kkumi na munaana. Kiki ekikuleetera okuba n'okuyaayaana okwo?

64 Kati, singa oddayo n'oba wa myaka kkumi na munaana n'osigala awo nga tokyuka, nga tolwala yadde oku... wandibadde weetaaga okuba n'abantu abalala b'obeera nabo abali nga ggwe, kubanga wandituuse ekiseera nga emyaka gy'olina tegikufaanana, okiraba. Abantu bandikuze ne beeyongera mu maaso mu myaka emirala eraa ggwe wandibadde awo nga oli mukadde eyava ku mulembe. Wandiwulidde bubi okusinga bwe kyandibadde ssinga wakaddiwa nabo. Naye ate waliwo mu ggwe ekikuyita okuddayo ku myaka egyo. Okwo kwe kwagala okwa agapao, akasiikirize ako akakuleetera... Akantu akali waggulu wano.

65 Kati, ekiro kya luli, manya ku makya ga luli, ku ssaawa emu ey'okumakya, omwoyo Omutukuvu, olw'obulungi Bwe n'ekisa Kye, bwe yanzija mu mubiri guno, nzikiriza, nzikiriza. Oba bwe kyali oba si bwe kyali, simanyi, ne nnyingira mu Nsi eri ne ndaba abantu bali, era bonna baali bato. Era nnalaba abantu abasingayo okulabika obulungi be nnali ndabye mu bulamu bwange. Era Yaŋŋamba nti, "Abamu ku bo baali ba myaka kyenda. Bantu bo be wabuulira enjiri ne balokoka. Tekyewuunyisa baali baleekaana kimu nti, 'Muganda wange! Muganda wange!'"

66 Kati, ogwo gwe mubiri ogw'omuggulu, nti bwe tufa, tetufuuka tetubulawo bubuzi, wabula waliwo omubiri gwe twambala. Kati ssinga, fenna, tufa, singa bbomu nnamuzisa etukuba mu ddakiika eno, mu ddakiika ttaano okuva kati tujja kuba tukwatagana mu ngalo nga tugwaŋŋana mu bifuba, nga bwe tuleekaana n'okusaakaanya, nga bwe tutendereza Katonda! Yee, ssebo. Era Ow'oluganda Spencer ne Mwannyinaffe abatudde wano, ndowooza be bamu ku basingayo obukadde mu bafumbo abatudde wano, babeera bajja kuba ba myaka awo kkumi na munaana, oba abiri. Ow'oluganda Neville aba ajja kuba mulenzi muto, nange mba nja kuba kavubuka kato. Era fenna tuba tujja kuba...Ago ge Mazima gano gennyini. "Ennyumba eno ey'ensiisira ey'oku nsi mwe tubeera bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde."

67 Akaana akawere nnyina waako bw'akazaala, mu kuzaalibwa okw'obutonde, omubiri gwako guba gwenyogootola nga obugulu bwe busambagala, n'ebirala. Munsonyiwe olw'ekigambo kye ŋŋenda okukozesa, mmwe abakyala abato. Naye, bwe kakola bwe katyo, kaba kalina binywa bya bulamu nga bye byesika. Naye bwe katuuka ku nsi, ekisooka, kasika omukka gwako ogusooka, era wabaawo omubiri ogw'omwoyo mu butonde oguyingira mu kaana ako mu kaseera ako kennyini. Bwe wayitawo akaseera, kasembeza akatwe kaako ne kanoonya ebbeere lya nnyina waako ne katandika okuyonka. Ekyo bwe katakikola, amata tegasobola na kujja.

68 Mwali mwetegerezza akayana nga kaakazaalibwa, ka... olufunamu ku twanyi kati okuyimirira? Ani akagamba? Katambula bulungi ne kagenda awali nnyina waako, ne katandika okunoonya ebbeere ne katandika okuyonka. O, weewaawo!

69 Kubanga, omubiri guno ogw'oku nsi bwe guleetebwa wano, wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gugulindiridde. Era amangu ddala nga guno...O, aleruuya! "Kale ennyumba eno ey'ensiisira ey'oku nsi mwe tubeera bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde emitala eri." Guno oluba okugufuluma tuti, nga tuyingira mu guli; ogwo ogutalumwa nnyonta ya kunywa mazzi gannyogoga, oguteetaaga lwendo lwa mazzi; ogutalya, tegyakolebwa mu nfuufu ya nsi. Naye ate nga gya nnamaddala, era giwulira bwe gikwatibwako era gisobola n'okukwataganako mu ngalo, era kwagala kwereere era buli kimu kyonna tekiriiko kamogo. Era omubiri ogwo gulindiridde emitala eri. Guli kitundu ku gyo. Giri emibiri esatu.

70 Obulamu bwo Obutaggwaawo obutandikira wano wennyini ku woolutaali. Obutaggwaawo wano w'obutandikira. Ha,! Obulamu Obutaggwaawo obutandikira wano wennyini. Olwo n'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'ofuuka omwana wa Katonda. Ate bw'ofa, n'otandika...Okufa bwe kukutegula mu mubiri guno omutima ne gulekera awo okukuba, nnamuziga z'obulamu ne zirekera awo okutambula, akasiikirize ako akabadde akasiikirize k'ekisiikirize, mu katikitiki kafuuka ekisiikirize ky'ekisiikirize, okuva awo ne kifuuka ekisiikirize, okuva mu ekyo kifuuka akatondo, okuva awo kafuuka akagga, ne kava awo ne kafuuka omugga, ne guva awo ne gufuuka eriyanja, bwe wayitawo akaseera ne weesanga nga oyimiridde mu maaso g'abaagalwa bo abali emitala, nga mwambadde ebyambalo eby'emibiri egy'omuggulu, nga buli omu asobola okutegeera munne, nga mwagalana, nga okyuse n'oddayo okuba omuvubuka omulenzi oba omuwala. Ky'ekyo ddala. Gulindira awo okutuusa okujja kwa Mukama waffe Yesu. Era lumu omubiri Gwe ogwo ogw'ekitiibwa...Kati jjukira, nti ogwo guba mubiri ogw'omuggulu, so si ogw'ekitiibwa, wabula mubiri ogw'omuggulu. Era lumu omubiri ogwo ogw'omuggulu guliva mu Ggulu ne gujja ne Yesu.

71 "Kubanga mbagamba kino nti," Abasessaloniika Eky'okubiri, essuula ey'o 5, manya Abasessaloniika Ekisooka, essuula ey'o 5, ekimu ku ebyo, "Mbagamba nti, ssaagala mubeere nga temumanyi, ab'oluganda, ku bikwata ku abo abeebaka, mulemenga okunakuwala, nga abalala abatalina ssuubi. Kubanga bwe tuba tukkiriza nti Kristo yafa era n'azuukira ku lunaku olw'okusatu, bwe batyo n'abo abeebakira mu Kristo Katonda alibaleeta wamu naye. Kubanga kino tukibagamba okusinziira ku biragiro bya Mukama waffe, nti ffe abaliba abalamu era abalisigalawo okutuusa ku kujja kwa Mukama

waffe, tetuliremesa oba tetuliziyiza" (ekigambo ekirungi okukozesa) "tetuliziyiza abo abeebaka. Kubanga ekkondeere lya Mukama lirivuga, n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira." Emibiri gino egy'omu ggulu girikka wansi ne gyambala emibiri egy'oku nsi, ne giba emibiri egy'ekitiibwa. "Olwo ffe abaliba abalamu abaasigalawo tulikyusibwa mu kaseera buseera, mu kutemya kw'ekikowe, era tulisitulibwa wamu nabo, okusisinkana Mukama waffe mu bbanga."

72 "Ssirinywa nate ku bibala bya muzabbbibu wadde okugulyako okutuusa lwe Ndigulya omuggya wamu nammwe mu Bwakabaka bwa Kitange," ku Ky'eggulo ky'Embaga. Mu myaka esatu n'ekitundu omulabe wa Kristo amaliriza obufuzi bwe, ensi yonna n'ezikirizibwa, Abayudaaya ne bayitibwayo, Yusufu ne yeeyanjula eri Ab'amawanga, manyanga Abayudaaya. Mujjukire nti, Yusufu mu kaseera we yeeyanjulira baganda be, tewaaliwo w'Amawanga n'omu. Bwe yagobawo. . .Emboozi eyo mugimanyi. Yusufu, ekifaananyi kya Yesu kyennyini ekituukiridde, mu buli ngeri. Era Yusufu bwe yatumya baganda be, ne bajja, n'abalaba n'alabamu omuto Benyamini, n'abalaba nga bali awo n'a. . .Beebuuza nti, "Naye, lwaki alonzeemu ono! Te—tetwandisse muganda waffe, Yusufu." Abayudaaya bwe balikiraba nti baakola nsobi; kati awo Kristo, lw'Alibeeyanjulira. Ne Yusufu kyamuyitirirako, katono, akaabe, kye yava agobawo mukyala we n'abaana be, n'abakuumi bonna na buli omu, n'abasindika baddeyo mu lubiri. Ddala bwe kyali. Kati nga asigadde n'Abayudaaya bokka, n'abagamba nti, "Nze Yusufu, muganda wammwe. Ndi muganda wammwe." Bonna ne bagwa ku ttaka ne batandika okukankana, nga bagamba nti, "Kati nno tumanyi tugenda kukisasulira, kubanga twatta muganda waffe. Tumugambye nga twatta muganda waffe, ate kati wuuno ye kabaka ow'ekitalo."

73 N'abagamba nti, "Katonda yakikola lwa kigendererwa, asobole okulokola obulamu." Eyo y'ensonga yennyini lwaki Katonda yakikola, kusobola kulokola ffe Ab'amawanga. Naye Ab'amawanga baali munda mu lubiri. Aleeruuya! Bwe yagaanibwa baganda be, Yusufu, Yeefunira Omugole; era Omugole oyo yali w'Amawanga, teyali Muyudaaya. Kale.

74 Kati, odda wa? Bwe tumala okwambala omubiri guno ogw'ekitiibwa, n'omulembe guli omukulu ogugenda okujja; nga omubiri guno ogw'ekitiibwa, omubiri guno ogw'omuggulu nga gufuuliddwa omubiri ogw'ekitiibwa. Kati mutegeera kye ntegeeza? Olwo ndiba nsobola okugenda ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Neville!" Muleke mbeeko ne kye mbalaga ekitonotono. Ndigamba nti, "Ow'oluganda Humes, tugendeko ewa Taata amakya ga leero." Ye Katonda. Kati tumumanyi, Ye Mulokozi, Ye Muwonya.

75 Tewabangawo kintu kiyitibwa kutondebwa kwa kibi. Ekyo kiwulikiseemu si bulungi, si bwe kiri? Ekibi tekyatondebwa.

Nedda, ssebo! Ekibi kukyamizibwa. Waliwo Omutonzi omu yekka, oyo ye Katonda. Ekibi bwe butuukirivu obukyamiziddwa. Obwenzi kye kiki? Butuukirivu obukyamiziddwa. Obulimba kye kiki? Ge mazima aganyooleddwa. Bwe kiri ddala. Ekikolimo kye ki? Gye mikisa gya Katonda nga gifuuliddwa ekikolimo eri Katonda, mu kifo ky'okuba omukisa. Ekibi tekyatondebwa. Ekibi kukyamizibwa. N'olwekyo, Ssetaani yali tayinza kutonda kibi, yakyamya bukyamya ekyo Katonda kye yali atonze. Ekyo ddala bwe kiri. Okufa kukyamizibwa kwa bulamu.

76 Kaakati, mulabeeyo kino—mulabeeyo kino. Kale ndigenda gy'ali ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Humes, ggwe nange n'Ow'oluganda Beeler n'abamu ku booluganda, tugenda kugendako ewa Taata Katonda. Era, ŋŋambe nti, mujje tutambuleko. Bavubuka mmwe mwayagalanga nnyo ensozi bwe mwa . . . "

"Weewaawo, ddala twazaagalanga."

77 "Ha, waliyo obukadde n'obukadde bwa mmayiro obw'ensozi eyo mu nsi eyo empya. Mugende, muzirambule."

78 "Nnina oku . . . ? . . . enjuba buli lunaku, evaayo. Ndibawulira. Nga bakyayogera, Ndiwulira." Isaaya 66. Ekyo bwe kiri.

79 Era mumanyi, bwe ndifuluma ne ntambula, ne tutambula ffenna nga bwe tulambulalambula okumala emyaka ebikumi nga bitaano, akagendo akatono, naye nga myaka kakadde gye giyiseewo, nga tetulabawo njawulo, olaba. Kati—kati ekyo kiwulikika nga eky'obulalu, naye ge mazima. Mukiraba, ge mazima, kubanga eri teriiyo biseera, buli Butaggwaawo. Era nga bwe ndifuluma, ne ntambulatambulako, ye mumanyi gwe ndi—ndi—ndisinkana ebweru eyo? Ne ŋŋamba nti, "Kati nno, oyo bw'aba si ye Mwannyinaffe Georgie Bruce! Bannange, Mwannyinaffe Georgie nga ndudde okukulaba." Nga alabika nga bulijjo bw'abeera. Olaba? Osanga aliba wa myaka obukadde kkumi, naye aliba akyali muto nga bulijjo. Oba oli awo alibaako gw'atakula mu mugongo, ndigenda okwetegereza erudda, nga ndaba Nnamundagi, n'empologoma.

Ngigambe nti, "Oliyo otya enkya ya leero, Nnamundagi?"

80 "Myiyawu," ekaabemu nga ka kkapa. "Ha, mbaddeko emmanga eri nga njogerako n'abamu ku bannyinaze emmanga eri mu bimuli biri ebinene, era tumazeeyo emyaka nga ebikumi bitaano, olaba, nga bwe tusamaalirira." Kaakati, ekyo kiwulikika nga eky'obulalu, naye ge mazima. Bwe kityo bwe kiri. Katonda bw'atyo bwe yakyagala kibeere.

81 Kale, akuwe omukisa, Mwannyinaffe Georgie. Tewali kabi konna kayinza kujja, tewali n'akamu. Akawungeezi tujja kwambuka waggulu ku lusozi, tugambe nti, "Ayi Taata Katonda, lumu nnali nnabula. O, lumu nnali mu bitoomi by'ekibi, Taata Katonda, naye n'Ondokola."

82 Kati, ekyo abantu abaali bagezezzaako okukinnyonnyola baatabuka emitwe. Kati, omusajja oli eyawandiika ekitundu ekisembayo eky'oluyimba olwo *O Okwagala Kwa Katonda,* ekyasangibwa nga kyawandiikibwa ku kisenge ky'ekifo we bakuumira abatabufu b'emitwe, eyagezaako okunnyonnyola okwagala kwa Katonda. Nga bwe Yeetoowaza okulokola aboonoonyi, era nga Yakikola, olw'okwagala Kwe okwakka wansi okutulokola ggwe nange. Bw'oyogera ku kusinza, Bamalayika tebakutegeerako yadde! Okusinza, Malayika kyokka ky'amanyi...Ayimirira buyimirizi awo n'akuba ebiwaawaatiro Bye eno n'eri, n'erudda nga bw'agamba nti, "Aleeruuya! Aleeruuya!" Naye, ha, bannange! Bwe gutuuka ku kukitegeera nti nnali nnabula naye kati nnazaawulwa, nnali nnafa naye kati ndi mulamu nate! Ayi Katonda, nnali kibi, nnali mpitambi, nga ndi eyo ku kasasiro!

83 Kati kino ky'ekisingayo obulungi ky'oyinza okufuna mu bulamu. Wali ogenzeeko emmanga wano ku kifo kkampuni ya Colgate gy'eyiwa kasasiro? Kye kifo ekikyasinzeeyo okuwunya kye nnali mbaddemu. Ekikka ekyo okumpunyira obuwunyizi kindwaza. Kati kubamu akafaananyi nga ogalamidde awo mu kikka ekyo, nga wenna kikulumya olubuto, lukugulumba okukamala weekyusa odda eno n'eri, nga bw'owulira oluvannyuma lw'okunywa butto w'ensogasoga. Mukiraba, nga lukugulumba ebitagambika! Nga emmese bwe zikwetawulirako, zibula kukuluma. Kati ekyo ky'ekisingayo obulungi ky'oyinza okufuna mu bulamu. Naye mu mbeera eyo omuntu n'ajja wansi eyo n'akuggyayo. Nga wenna okaddiye tolina na ky'osobola kwekolera. Naye n'akuggyayo n'akufuula omulenzi ow'emyaka kkumi na munaana, n'akuteeka waggulu ku ntikko y'olusozi, mu myaka emito ddala egy'ekivubuka, bannange, nga waliyo omukka omulungi ogw'okussa, amazzi amaweweevu agajjudde eddekende. Wandyagadde okuddayo nate mu kasasiro oli? Toyinza, toyinza, toyinza, toyinza n'akatono kuddayo mu kasasiro oyo nate.

84 Kati, ekyo kye kitegeeza, mukwano gwange. Okwolesebwa okwo, manya okuwaanyisibwa okwo, kyonna kye kiri, kuyite okwolesebwa. Ka nkuyite kwolesebwa, kubanga ntidde nti kiyinza okubaako gwe kikosa bwe nkuyita okuwaanyisibwa, naye ekyo kye kwali kutegeeza ekyo. Kati, awo Katonda we...ekyo Katonda kye yakola okuleeta gy'Ali abaana be ab'obulenzi n'ab'obuwala. Kati, abantu bano be b'ani? Baayinza batya...Abantu bano baakola ki okugwanyizibwa okuba kino? Ddala baakikola batya? Katonda, ku ntandikwa ddala, nga tewannabaawo Malayika yenna atondebwa...Bameka abakimanyi nti Ye taliiko kkomo? Bw'Aba aliko ekkomo, si Ye Katonda. Kati, Katonda, mu kusaasira Kwe okutaliiko kkomo, Yalaba nga Lusifa ekyo yali wa kukikola, bano bw'Anaabatonda. Bw'atyo Yali wa kubateeka ku mutendera ogw'okwesalirawo ku

lwabwe. Era ku mutendera ogwo kw'okyali, ekyo bwe kiri, omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi guli mu maaso ga buli omu ku ffe, ggwe weeronderawo. Era Lusifa y'eyasooka okukwata ekkubo ekkyaamu. N'atandika okuwalula ab'okumugoberera nga abazza ku ludda lwe, olw'obuluvu, nga agezaako okwezza buli kimu, okugezaako okubaako gw'amaamulako. Era awo we kyatandikira. Kati, muwulirize kino. Ekibi awo we kyatandikira. Katonda, mu ndowooza Ye etaliiko kkomo, ekyo yakiraba, era n'alaba nga engeri yokka . . .

85 Kati, mwe ab'oluganda abakkiririza mu busatu, ssigezaako kubakosa, naye mu Linnya ly'Ekigambo kya Katonda ekirungi muyinza mutya okwawula Yesu ne mumufuula omuntu eyeetongodde ku Katonda Mwene? Ssinga Yesu yafunayo omuntu omulala n'amusindika agende afe, okununula omuntu ono wano, Yandibadde muntu atali mwenkanya. Waaliwo engeri emu yokka Katonda gye yali asobola okukikolamu, kwali kutwala kifo ekyo Ye kennyini! Bw'atyo Katonda yayambala omubiri Asobole okulega ku bulumi bw'okufa, okusobola okutuggyirawo empiso y'okufa wamu n'okufa, tununulibwe Ye Yennyini. Eyo y'ensonga lwaki Alisinzibwa nnyo. Yesu yali muntu, ddala Yali muntu. Yali muntu, o-m-u-n-t-u, eyazaalibwa Maliyamu embeerera. Naye Omwoyo eyamulimu yali Katonda ataliiko kkomo mu kigera, mu Ye mwalimu obujjuvu bw'obulamba bwa Katonda mu mubiri. Yali Yakuwa-yire, Yali Yakuwa-lafa, Yali Yakuwa-manaase, Yali Yakuwa; Engabo yaffe ennene, Akagabo kaffe akatono, Omuwonya waffe; Yali Alufa, Omega, Entandikwa era Enkomerero; Yali Asooka, Asembayo; Yali Oyo eyaliwo, Aliwo, era Ow'okujja; Ekikolo era Omuzukkulu wa Dawudi, Emmunyeenye y'oku Nkya, lwaki, Yali Byonna mu byonna. Mu Ye mwe mwali obulamba bwa Katonda bwonna mu mubiri!

86 Kati okufa kwabeeranga n'empiso, gye kwafumisanga abantu, "Ah," nga ssetaani agamba nti, "nkulina, kubanga ompulirizza. Ŋŋenda kukufumita, nkusse mu ntaana. Ogwo omusaayi gw'endiga teguyinza kukuyamba n'akatono, ogwo musaayi gwa nsolo busolo." Naye Katonda, mu magezi Ge, yamanya nga walibaawo Omwana gw'endiga ogulijja, ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Yee, ssebo. Era baa . . . Yalindirira ekiseera ekyo okutuuka, ng'alindirira okutuukirira kw'ebiseera.

87 Naye lumu Omwana gw'endiga guno bwe gwajja, Omuntu ono, ku olwo Ssetaani yawuddiisibwa. Yamutunuulira, n'amugamba nti, "Bw'oba Ggwe Mwana wa Katonda, kola *kino*. Bw'oba Ggwe Mwana wa Katonda, kola ekyamagero nkulabe nga Okikola. Leka nkulabe nga Okikola. Uh-huh, ŋŋenda kukusiba kantuntunu, nkukube. Bw'oba Oli nnabbi, tubuulire ani akukubye." Hum! "Si—ssikkiriza nga ye Ggwe Muntu oyo. Bw'oba ye Ggwe, tubuulire ojja otya okuba nga

Ye ggwe." Mukiraba, n'ebirala bwe bityo. "Ha, tubuulire oba Ye ggwe!" Teyayasamya kamwa Ke yadde. Ha, ha, olowooza kantuntunu gwe baali bamusibye Yamweggyako!

88 Yakyuka n'atunuulira abayigirizwa, n'abagamba nti, "Nsobola okusaba Kitange n'Ansindikira ebibinja by'eggye lya Bamalayika kkumi na bibiri, ssinga Mba njagadde." Omanyi, ekyo Piraato teyakiwulira.

89 "Bw'oba nga ye Ggwe! Bw'oba nga ye Ggwe. Ah, si ye Ye. Ggwe, laba bw'Atiiriika omusaayi. Abaaye mmwe, ku mmwe abasirikale kubeeko agenda amufujjire amalusu mu maaso." Ne bamufujjira amalusu, ne bamuduulira, ne bakuunyuula ebirevu Bye. "Ah, si ye Ye! Nedda, si ye Oyo! Ŋŋenda kumufumitamu empiso yange, muvubuka. Ŋŋenda kumukuwanikira waggulu eri. Ggwe kati nkulina!"

90 Bwe Yakaaba ogwasembayo nti, "Eli! Eli! Katonda Wange! Katonda Wange!" Oyo yali muntu. "Kiki ekikundesezza?"

91 Mu lusuku Gesusemane, mumanyi, amafuta gaamuvaako, kale Yalina kufa nga mwonoonyi. Yafa mwonoonyi, ekyo mukimanyi; si ebibi Bye, wabula ebyange n'ebibyo. Awo okwagala okwo we kujjiramu, engeri gye Yatwalamu ebyange! O, Aleeruuya! engeri gye Yatwalamu ebyange!

92 Kale Yali awo, n'Atayasamya kamwa Ke. Ow'empiso ye n'agamba nti, "Naye mumanyi, nzikiriza oyo abadde muntu wa bulijjo. Abadde teyazaalibwa mukazi mbeerera, kubanga nsobodde okumufumitamu empiso yange."

93 Ne zimuleeta, n'amufumitamu empiso ye, naye ku mulundi guno yakikola mu kiseera kikyamu, muvubuka! Ku olwo empiso ye lwe yamukuulwamu. Okuva ku olwo takyasobola kuddamu kubaako gw'afumita, empiso ye yagimulekamu. N'azuukira ku lunaku olw'okusatu, n'agamba nti, "Nze Oyo eyali afudde, naye kati ndi mulamu nate, era ndi mulamu emirembe n'emirembe, Nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe." Yee, ssebo. Yalemwa okutegeera nti yali ani Oyo. "Era kubanga Ndi mulamu, nammwe muliba balamu. Tekinnalabika . . . "

94 Lumu, nga wayiseewo ennaku nga ssatu oba nnya nga ebyo bimaze okubaawo, nga Azzeeyo eri Kitaawe, yakomawo, awo abamu ne bagamba nti, "Ha, Oyo . . . A—Ateekwa okuba nga muzimu. Ateekwa okuba nga Omuntu oyo alimu engeri y'oluzimuzimu. Naffe . . . Mwamulabye. Okwo mwalabye kwolesebwa."

"Nedda, Yabadde Yesu yennyini."

95 Tomasi n'abagamba nti, "Muleke ndabe engalo Ze n'ebirala, nja kukakasa oba nga ye ye oba nedda."

96 Ye n'amugamba nti, "Nzuuno." N'ababuuza nti, "Mulinawo ekyennyanja n'omugaati? Mundeetereyo ka sandiwiici." Ne bamuleetera sandiwiici, n'Ayimirira awo n'agirya. N'ababuuza

nti, "Kati, omuzimu gulya nga bwe Ndidde? Omuzimu gulina amagumba n'ennyama nga bwe Mbirina?" Mulaba? N'abagamba nti, "Nze Nzuuno. Ye nze."

97 Pawulo n'agamba nti, "Tekinnalabisibwa ddala mubiri kika ki gwe tuliba nagwo, wabula tumanyi tuliba n'omubiri nga ogugwe Ye." Kiki? Yabeerako n'omubiri ogwo ogw'omuggulu? Yee, ssebo! Bwe Yafa, Bayibuli egamba nti, "Ye," nnakasigirwa ey'obuntu, "Yagenda emagombe n'abuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera." Aleeruuya! Yakikola atya? Yalina obusimu obw'okulumwa, Yalina obusimu obw'okuwulira, Yalina obusimu obw'okwogera, Yabuulirira mu kika ky'omubiri gwe gumu mwe nnalaba abantu bali abali mu kitiibwa ekiro kya luli. Yabuulira eri emmeeme ezaali emagombe, eziteenenya mu biro by'okugumiikiriza kwa Nuuwa.

98 Naye bwe Yazuukira ku ppaasika, omubiri ogwo gwali tegusobola kuvunda, kubanga Dawudi nnabbi yakiraba nga tekinnabaawo n'ayogera nti, "Sirireka mmeeme Ye magombe, wadde okuganya Omutukuvu Wange okulaba okuvunda. Era omubiri Gwange guliwummulira mu ssuubi, kubanga Talireka mmeeme Yange magombe, era Talireka Mutukuvu Wange okulaba okuvunda." Era nga ebulayo essaawa nsanvu mu bbiri gutandike okuvunda, omubiri ogwo ogw'omuggulu, omubiri ogwo ogwagenda ne gubuulira enjiri eri emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu biro by'okugumiikiriza kwa Nuuwa, gwazuukira, ogufa ne gwambala obutafa, n'Ayimirira n'Alya, era n'Atugamba nti Muntu. Aleeruuya!

99 Bwe tutyo bwe tulimulaba, Ow'oluganda Evans. Bw'atyo bw'Alituula ku ntebe ya Dawudi ey'obwakabaka. Aleeruuya! Bwe tutyo bwe tulitambula nga tudda eno n'eri, nditambulako naawe nga tulambula ensozi, okumala emyaka kakadde, olaba, esigadde ennaku ntono nnyo, budakiika butono ddala obusigaddeyo, tugende emitala w'eri, tubeere eyo.

100 Kati ekiseera ky'okulya ne kituuka, omanyi, ŋŋenda okulaba nga, Mwannyinaffe Woods agamba . . . Ne mmubuuza nti, "Mwannyinaffe Woods, obadde wa ebbanga lino lyonna? Mmaze ebbanga nga sikulaba . . . gyendi ziringa eddakiika kkumi na ttaano."

"Ah, waakayitawo emyaka enkumi bbiri, Ow'oluganda Branham."

101 "Uh-huh. Owulira otya?" Ha, weewaawo tosobola kuwulira bulala okuggyako okuwulira obulungi bwokka.

102 "Mujje, wano, mmwe bavubuka, mbeeko ne kye mbalaga, baganda bange, baganda bange abaagalwa. Wano waliwo ensulo y'amazzi, agakyasinzeeyo obulungi ge mwali munywedde. Era, ha, tugende tufuneyo ku ttuzi otuweweevu otuwooma. Ŋŋenda kwambukako n'engulu eri nfuneyo ku zzabbibu, fenna tutuule

wansi tweriireko." Ekyo tekiriba kiyitirivu? Bwe kityo ddala bwe kiri. Ky'ekyo kyennyini.

103 Twakifuna tukya kino? Tukimanya tutya? Katonda, ensi bwe yali tennatondebwa, yatwawula! B'ani? Abo abali mu Nsi ensuubize.

> *. . . yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo . . . nga bwe yasiima olw'okwagala kwe,*
>
> *Ekitiibwa ky'ekisa Kye kiryoke kitenderezebwenga . . .*

Tusobole okumutendereza nga bwe Yagamba. Ky'ekyo kye yali, Katonda. Twagala tumutendereze.

> *. . . olw'okwagala kwe ekitiibwa ky'ekisa kye kiryoke kitenderezebwenga, kye yatuwa obuwa mu oyo omwagalwa.* (Mu Kristo tukkirizibwa.)
>
> *Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi, okusonyiyibwa* e-b-y-o-n-o-o-n-o . . .

104 Nnina okuddayo ku kutongozebwa, naye njagala nsooke nkwateko ku "byonoono" wano okumala akadakiika. "Ebyonoono" mukyetegerezza ekyo? Mukimanyi nti Katonda tavunaana mwonoonyi lwa kwonoona? Amuvunaana lwa kusigala nga mwonoonyi. Omwonoonyi bw'anywa sigala, ekyo Takimunenyeza; tali kirala, wabula mwonoonyi. Mukiraba? Mukiraba? Talina bibi byonna, omwonoonyi talina bibi byonna. Kyokka ky'ali kiri nti mwonoonyi, mukiraba, talina bibi byonna. Naye mmwe mulina ekibi, mmwe Abakristaayo. Mukiraba wano nti ayogera eri Kkanisa. Kugikuumira mu buluŋŋamu. Mukiraba? Mukiraba? "Okusonyiyibwa ebyonoono," e-b-y-o-n-o-o-n-o. Ffe tukola ebyonoono. Naye ye omwonoonyi abeera mwonoonyi, Katonda tamusonyiwa.

105 Kaakati, oyinza okuŋŋamba nti, "Naye kati, yagenze n'akuba omusajja essasi. Ekyo onaakikolera ki?" Nze ebyo sibivunaanyizibwako. Siriiwo kukyusa nneeyisa za bantu, nze ndi mubuulizi. Ekyo ab'obuyinza banaakikolako, be baliwo okukyusa enneeyisa z'abantu. Be ba . . . "Naye," ojja kuŋŋamba nti, "yayenze." Ekyo, ekyo—ekyo kivunaanyizibwa ku ba buyinza. Ekyo kiri wakati we na ba buyinza. Nze—nze—nze—nze ssiriiwo kukyusa nneeyisa za bantu, ssikyusa nneeyisa za bantu. Nze njagala balokoke. Ndi mubuulizi, okiraba, obuvunaanyizibwa bwange bwa kumutwala eri Katonda. Bw'aba yayonoonye, ekyo kiri gy'ali, mwonoonyi. Katonda amuvunaanira ku ddaala lya wagguluko. N'okusooka kwa byonna mwonoonyi, okusooka kwa byonna aliko omusango. Tasitulanga na kigere kugenda ku ddaala lisookerwako, ta—ta—talina w'ali. N'okusooka kwa byonna mwonoonyi. Talina bibi, wabula mwonoonyi.

106 Tosobola kugenda bweru n'ogamba nti, "Erudda *wano* wonna kiro, naye erudda *eno* si kiro." Nedda, wonna kiro,

wonna wonna kiro. Ky'ekyo Katonda kye yagamba. Bwe kiri, omwonoonyi abeera mwonoonyi, ky'ekyo. "Kaakati, yakoze kino, *wano* wonna kiro, *wano* eno kiro ekirimu ekitangaala ekiwererako ddala." Nkimanyi, naye kyonna kiro, ky'ekyo. Okiraba?

107 Sisobola kugamba nti, *"Wano* eno bwe wati wonna kitangaala." Nedda, kyonna kitangaala, okiraba, kyonna wamu kitangaala, tosobola kukipima bwe kyenkana. Mukiraba? Naye bwe wabeerawo akatundu akaddugavu mu *kino,* kati awo muba mulimu enzikiza.

108 N'olwekyo "ebyonoono," e-b-y-o-n-o-o-n-o, tulina okusonyiyibwa kw'ebyonoono byaffe okuyita mu (ki?) mu Musaayi Gwe, Omusaayi ogw'omuwendo.

. . . okusinziira ku bugagga bwe . . .

109 Tubyerabira tutya? Kubanga tusaanidde, tulina kye twakola ekyatugwanyiza okusonyiyibwa ebibi byaffe? Lwaki?

. . . kisa;

110 Ha, bannange! Sirina kye nzija nakyo mu ngalo zange, ayi Mukama. Tewali kye nnali nnyinza kukola, tewali kintu kyonna kye nnali nnyinza kukola. Mulabeeyo! Yanjawula dda, Yampita, Yannonda. Si nze nnamulonda. Ye yannonda, Ye yakulonda, fenna Ye yatulonda. Si ffe twamulonda. Yesu yagamba nti, "Si mmwe mwannonda, Nze nnabalonda." Yagamba nti, "Tewali muntu asobola kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka, era abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi. Era tewali n'omu ku bo alibula, okuggyako omwana ow'okubula, o—okutuukiriza Ebyawandiikibwa." Mukiraba? N'agamba nti, "Naye abo bonna Kitange be yampa balijja gye Ndi."

111 Ha, obudde bumpitako, si bwe kiri? Ate nga bino sinnabimaliriza. Na bino sinnabitandikako. Leka nnyanguweko, waliwo kye nnina okutuukako wano mu bwangu ddala, twanguweko. Kino eky'okutongozebwa ŋŋenda kukiddako mu kaseera katono. O, munangumiikiriza mu—mu ddakiika nga emu yokka? Ka tukwate ku kino wano, abamu ku bantu bano bava eri mu Georgia wano baliwo olunaku lumu lwokka, abawe omukisa. Kaakati, ggwe ow'oluganda eyavudde mu Georgia, n'eyavudde mu Texas n'awalala wonna gye mwavudde, muwulirize olunyiriri luno olw'o 5. Ka tusooke tulukwateko okumala eddakiika entonotono.

Bwe yatwawula edda oku—oku . . .

112 Ekigambo "okutuuka ku" kitegeeza ki, ekigambo "okutuuka ku"? Kitegeeza ekintu kye twolekedde, kye tugendako. "Ŋŋenda ku nsulo. Ŋŋenda awali entebe." Humes, ekyo okitegeera? "Ŋŋenda awali emmeeza."

Kaakati, Yatwawula *edda eri okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo mwennyini, nga bwe yasiima olw'okwagala* Kwe Ye,

113 Okusiima kwenkana wa? Kyaliwo ku lwa kusiima kw'ani, ku lwa bulungi bw'ani? Okukwe Ye. Okusiima Kwe Ye olw'okwagala Kwe Ye.

114 Kaakati, "okutongozebwa" kye kiki? Kati kino ka nkikwateko, simanyi oba. . . Kino sigenda kuba na budde kukimaliriza, naye ka nkikooneko. Bwe wanaabaawo ekibuuzo kyonna, musobola okumbuuza oluvannyuma mu bubaka, oba mu ngeri endala. Muwulirize. Okutongozebwa kwo si kwe kuzaalibwa kwo. Okutongozebwa kwo kwe kuteekebwa kwo mu kifo kyo. Bwe wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, Yokaana 1:17, nzikiriza we kiri, bwe tuzaalibwa Omwoyo wa Katonda, tuba baana ba Katonda. Naye twayawulibwa. Kati kiikino kye ngezaako okubaggyirayo, eri abaana bano ab'ekiseera eky'oluvannyuma, mulaba, oku. . . Mukiraba? Twayawulibwa okutuuka (ku) kutongozebwa.

115 Kaakati, kati tuutuno wano. Kati, Abapentekoote kino kye kibayisaamukko obubi. Bagenda ne bagamba nti, "Nnazaalibwa omulundi ogw'okubiri! Mukama atenderezebwe, nnina Omwoyo Omutukuvu!" Kirungi. Oli mwana wa Katonda. Bwe kiri. Naye ate ekyo si kye njogerako. Olaba, wayawulibwa nga oli wa kutuuka ku kutongozebwa. Okutongozebwa, kwe kutuuza omwana mu kifo kye.

116 Mbadde nkasemberedde nnyo, kubanga Becky yaŋŋambye nti ŋŋenda ne nkasemberera nnyo, abali emabega ne muba nga temuwulira. Ndi. . .

117 Mulaba, omwana. Bameka abamanyi amateeka agaali gafuga okutongozebwa kw'omwana mu Ndagaano Enkadde? Weewaawo, mwali mugasomye. Omwana yazaalibwanga. Nzikiriza waliwo obubaka mwe nnakyogererako. Bwali bubaka ki, Gene, obujjukira? Bwakwatibwa ku lutambi. Ah, bwali bubaka ki? Nna—nna—nna—nnali nkikonyeeko. O, weewaawo, mbujjukidde, *Mumuwulire. Mumuwulire*; okutongozebwa kw'abaana.

118 Kati, mu Ndagaano Enkadde, o—omwana bwe yazaalibwanga mu maka, yabanga mwana bwe yazaalibwanga, kubanga yabanga azaaliddwa bazadde be, yabanga mwana mu maka ago era nga musika eri ebintu byonna. Kati, naye omwana ono yakuzibwanga abakuza. Abaggalatiya, essuula ey'o 5, olunyiriri olw'e 17 okutuuka ku lw'a 25. Kale. Yakuzibwanga batendesi, bakuza, abasomesa. Kati, eky'okulabirako, ssinga nzaala omwana ow'obulenzi, tugeze nga, ndi taata ne. . .

119 Era eyo y'ensonga lwaki mu nzivuunula ya Bayibuli y'olungereza eyatongozebwa Ssekabaka Yakobo, ekyo bameka abaali bakirowoozezzaako nti kiwulikika bulala mu nzivuunula

Nzivuunula eyatongozebwa Ssekabaka Yakobo, awagamba nti, "Mu nju ya Kitange mulimu amayumba mangi"? Enju, amayumba mangi. Mulaba? Ensonga eri nti, mu—mu biro Bayibuli mwe yavvuunulirwa wansi w'ekiragiro kya Ssekabaka Yakobo, *ennyumba* lyabanga "ttwaale." "Mu *ttwaale* lya Kitange mulimu amayumba mangi." Si nti mu nju, mwabangamu amayumba, wabula Yayitibwa Kitaawe w'ettwaale lino. Baakivvuunula mu ngeri yennyini eya Bayibuli, mu Bayibuli bwe kityo bwe kiri.

120 Taata bwe yabanga ne ffaamu ennene eweza yiika lukumi, oba n'okusoba, yabangako n'abantu abaabeeranga erudda *wano*. Yapangisanga abapakasi abaabeeranga erudda *wano* ab'okulundanga endiga, yabeeranga n'abalala erudda *wano* ab'okulunda ente, yabeeranga n'abalala erudda *wano* abaayambukanga ku ludda olw'engulu mayiro nga kikumi, era yabeeranga n'abalala erudda *wano* ab'okulunda embuzi, n'abeera n'abalala ab'okulunda ennyumbu, ne—n'ebirala. Ya—yabanga n'obwakabaka obunene ddala. Era yeebagalanga endogoyi ye n'alambula okulaba buli kimu bwe kitambula, abasala ebyoya by'endiga n'ebirala byonna. Teyabeeranga na budde . . .

121 Bwe ngubeera ewala temumpulira. Ka—ka—ka ngezeeko okusigala wano eno. Kati mumpulira bulungi, wano? Mulabeeyo.

122 Yeebagalanga endogoyi ye, ne yeetooloola n'agenda, nga agezaako oku—okulabirira o—o—obwakabaka bwe. Kale kati ayagala . . . Omwana oyo y'agenda okusikira buli kimu ky'alina. Musika.

123 Naffe bwe tuzaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda, okuyita mu Yesu Kristo, tuba basika ba Ggulu, abasikira awamu ne Yesu, kubanga Yatwala ekifo kyaffe. Yafuuka ffe (ekibi), tusobole okufuuka Ye (obutuukirivu). Mukiraba? Ye yafuuka nze nze nsobole okufuuka Ye, mulaba, nsikire wamu naye. Kale, kaakati ekyo mukijjukire, buli omu ku mmwe.

124 Kati, jjukira nti, Katonda yakwawula, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo, nti walina okutuuka mu Nsi eno. Buli akitegedde, wanika omukono gwo, mulaba. Katonda, olw'okumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo, yakwawulira okujja mu Nsi ensuubize. Leero Ensi ensuubize eri Omukristaayo y'eruwa? Wanika omukono gwo bw'oba ogimanyi. "Ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala. Era olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, nti Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri, abaana bammwe ab'obulenzi n'ab'obuwala." Ne mu Isaaya 28:18, "Kubanga kiragiro ku kiragiro, olunyiriri ku lunyiriri; wano katono, awo katono. Nyweeza ekyo ekirungi. Kubanga n'emimwa eginanaagira n'ennimi endala Ndyogera

eri abantu bano. Era kino ky'Ekiwummulo, e—Ekiwummulo, ensi ya ssabbiiti gye Nnagamba mwe baliyingira. Naye, mu bino byonna, baagaana okuwulira, wabula baanyeenya bunyeenya mitwe gyabwe ne bavaawo, ne batakiwuliriza Ekyo." Mulaba? Ky'ekyo kyennyini.

125 Kyali kiki? Mu ngeri y'emu yennyini nga abantu bali abaali baava e Kanani, manyanga e Misiri, ne bayita mu lukoola, ne batuukira ddala kumpi, ne basemberera ddala ne batuuka n'okulya ku mizabbibu egyava mu nsi. Ow'oluganda, awo, ekyo abasajja abo baagala nkimenyewo, ekikwata ku Abaebbulaniya 6. Nnyinza ntya okukikola? Abo bakkiriza ba ku lusalosalo, tebalisomoka! Tebasobola kusomoka. Yesu yagamba, "Ffe . . . "

Baamugamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu."

126 Yesu n'abagamba nti, "Bonna, bonna, baafa." Kitegeeza baayawukanyizibwa. Bonna, bonna, baafa. Ky'ekyo. N'abagamba nti, "Naye Nze Mugaati ogw'Obulamu oguva mu Ggulu eri Katonda. Omuntu oyo alya ku Mugaati guno, talifa. Ekyo bwe kiri. Yee, ssebo, alina Obulamu Obutaggwaawo bw'agulyako Guno, Nze Muti ogwo ogw'Obulamu ogwali mu lusuku Adeni."

127 Kati, olaba, abantu bano basemberera ddala! Olaba, bwe weetegereza mu Abaebbulaniya 6, ssaagala kukiddako, naye mu Abaebbulaniya 6, "Bano olumu abaalega abaasemberera ddala, ne balega ku kirabo eky'omu Ggulu." Batuula, ne balaba okuwonyezebwa nga kubaawo, ne balaba abantu mu maanyi ga Katonda, ne balaba obulamu bw'abantu nga bukyusibwa, naye ne bakyesammula. Nedda ssebo. Nedda ssebo. "Abaalega ku maanyi ag'emirembe egigenda okujja; kuba ssinga bagezaako okwezza obuggya olw'okwenenya, nga ate ba—bakomerera bo bennyini Omwana wa Katonda omulundi ogw'okubiri, ne batagutwala nga kya makulu Omusaayi ogwo ogw'endagaano ogwabatukuza . . . "

128 "Nze ekkanisa mwe nva ekkiririza mu kutukuzibwa." Ekyo kirungi bwe muba mukikkiriza, naye temutuuka wala kimala. Okiraba? Yee, ssebo. Eddungu lyabatukuza. Weewaawo, mazima ddala. Baalina—baalina omusota ogw'ekikomo n'e—n'ekyoto eky'ekikomo, na buli kimu kyonna, okutukuzibwa, naye okuwummula baayingira mu Palesitayini. Te . . .

129 Ggwe kebera mu Abaebbulaniya 4, teyayogera ku "Kiwummulo ekirala"? Katonda yatonda olunaku olw'omusanvu n'abawa ekiwummulo ku lunaku olw'omusanvu. Ayogera awalala ku lunaku olw'okuwummula nti, "era olwa leero mu Dawudi." Ate n'Abawa Ekiwummulo ekirala nti, "Mujje gye Ndi mmwe mwenna abakooye era abazitooweredda, Nnaabawummuza." Muyingire mu Kiwummulo kino! Kubanga ffe abaayingira mu Kiwummulo kino twawummula okuva mu

mirimu gyaffe nga ne Katonda bwe yawummula mu Gigye ku ssabbiiti. Ddala ddala. Kiikyo Ekiwummulo kya Ssabbiiti. Ekyo ky'Ekiwummulo kyo ekya nnamaddala mu Nsi eno ensuubize.

130 Omwoyo Omutukuvu ye kisuubizo eri abantu. Naye kati kiki ekibaagaza okubeera n'ababuulizi abayivu abatendeke abanaabakkiriza okwambala obuwale obumpi n'okusalako enviiri zaabwe, n'okwesiiga liipusitiiki, n'abasajja okuzannya zzaala n'okunywa omwenge n'okubalaata, n'okweyisa bwe batyo nga beejeeguula mu ngeri eyo, olumala ne beeyita bammemba b'ekkanisa? Ddala, kiki ekibalonzaawo ekintu ekifaanana bwe kityo ne bagaana obukulembeze bw'Omwoyo Omutukuvu! Nga, Bayibuli egamba nti Ekigambo kya Katonda kyogi nnyo n'okusinga ekitala eky'Obwogi obubiri ekisala ne kyawula obusomyo n'eggumba, era ekitegeera eby'obuziba eby'omu mitima. Weewaawo, n'ebirowoozo by'omu mutima!

131 Ate bwe twagala ensi oba ebintu by'ensi, kitegeeza n'okwagala kwa Katonda tekutuliimu. "Bangi bayitibwa, wabula abalonde batono; kubanga omulyango mufunda n'ekkubo lya kanyigo era ffunda erigenda mu Bulamu, era batono nnyo abaliriraba. Bangi balijja gye Ndi ku lunaku luli ne batuula mu Bwakabaka," Yesu bwe yagamba nti, "wamu ne Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo. Naye abaana b'obwakabaka baligoberwa ebweru, era balibuuza nti, 'Mukama waffe, *bino* tetwabikola mu Linnya Lyo? Enjiri tetwagibuulira? Tetwafuuka Dokita *Gundi* ne Leevirandi *Gundi*?' 'Ssibamanyangako. Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu, Ssibamanyangako.' Si buli agamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange,' nti aliyingira. Wabula oyo akola Kitange ali mu Ggulu by'Ayagala, oyo y'ayingira."

132 Kiikyo, okuyingira mu Nsi eno ensuubize. Tugiyingiramu tutya? Twayawulibwa okugiyingiramu. Ekkanisa, olw'okumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu ebitannabaawo, yayawulibwa (eri ki?) eri ekitiibwa Kye, olw'ekisa Kye, eri ekitiibwa, n'okusinza n'ekitiibwa kya Katonda. Taata, bwe yali nga atudde eri ku ntandikwa, nga abeerawo yekka ku bubwe, we Yali tewaali kintu kirala kyonna, yayagala wabeewo ekimusinza, kye Yava ateekateeka era n'Ayawula Ekkanisa, nga n'ensi tennatondebwa, n'ateeka amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, bwe ba...ogwattibwa nga n'ensi tennatondebwa, basobole okulabika olw'ekitiibwa Kye n'eri ettendo Lye ku nkomerero y'ebiseera, w'alikuŋŋaanyiza awamu ebintu byonna mu Muntu oyo omu, Kristo Yesu. Whew! Ekitiibwa! Ky'ekyo. Ekyo kye...Era ky'ekyo awo, muganda wange, mwannyinaze. Toseeseetukanga okukivaako Ekyo.

133 Katonda, olw'ekisa Kye eky'okulonda, yakuyita. Katonda, olw'ekisa Kye eky'okulonda, yakutukuza. Katonda, olw'ekisa Kye eky'okulonda wamu n'amaanyi Ge, yakubatiza n'akuteeka mu nsi eno ey'Ekiwummulo. Abo abamaze okuyingira mu

Kiwummulo kino bawummudde okuva mu kuwaba kwabwe. Bawummula okuva mu mirimu gyabwe nga ne Katonda bwe yawummula mu Gigye. Balina essanyu eritayogerekeka, era erijjudde ekitiibwa! Omuti ogw'Obulamu gutojjera mu bo. Balina okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obulungi, obugumiikiriza obwafuuka okukkiriza, okukkiriza, obwetoowaze, obuwombeefu, n'ebirala. Omuti ogw'Obulamu gutojjera mu bo kubanga essuubi lyabwe lyasuula essika mu Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu omujulirwa nga abakakasa wamu n'obubonero n'ebyamagero nga bigoberera abakkiriza. "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Gye bagenda, bagenda bawonya abalwadde, bagoba emizimu, boogera mu nnimi, balaba okwolesebwa. Ba . . . Era batambula ne Katonda, boogera ne Katonda. Tewali muzimu guyinza kubasiguukulula, banywevu, banoonya . . . ? . . . Beerabira ebyo eby'ennyuma, nga baluubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyitibwa okwa waggulu mu Kristo Yesu. Beebo. Beebo. Eyo y'Ekkanisa eyo.

134 Baatuukawo batya awo? Toyinza kugamba mbu, "Naye, Mukama, Omanyi, lumu nnatandika okunywa sigala, ne ngwa, kale ne ndowooza nti nja . . . " Ah, nedda, nedda, nedda, nedda.

135 Kwawulibwawo edda! Yatuyita, era bwe twamugoberera weewo we twagambira nti, "Ayi Katonda, twali twabula nga tetusaana. Twali tetulina na kirowoozo kya kwerokola. Obutonde twalina bwa mbizzi, n'okusooka kwa byonna twali mbizzi."

136 Ggwe genda mu kiyumba ky'embizzi olabeyo embizzi enkazi ogigambe nti, "Kaakati, labayo eno, ggwe nnyabo, nnina kye njagala okukugamba. Kikyamu ggwe okunywa ebizzi ebicaafu."

137 Ejja kukuddamu nti, "Oink-oink." Okiraba? Kati, ekyo kifaananako naawe okwagala okwerokola nga ggwe. Ky'ekyo kyennyini.

138 Ojja kumugamba nti, "Nnyabo, tolina kwambala ngoye bwe zityo, osaanidde kwambala obulungi. *Kino* ky'olina okukola. Tolina kugenda mu . . . Tolina kugenda mu bubagabaga buno mwe bazannyira matatu. Tolina kunywa sigala. *Kino* tolina kukikola. Ssebo, *ebyo* tolina kubeera nabyo."

139 Akuddemu kimu, "Oink-oink. Nze ndi mmemba wa *Oink-oink*." Uh-huh. "Oink," ekyo kye kyokka kye bamanyi. "Kati nno, ka nkubuulire tolina ky'onsinza. Oink-oink!" Olaba, basambajja obukulembeze bw'Omwoyo Omutukuvu, kubanga Bayibuli egamba nti bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda kuba n'okukubaamu tekukuliimu.

140 Kiki ekibafuula ab'enjawulo? Muli ggwanga ttukuvu. Mwakola ki? Mwava mu nsi eri ne muyingira. Kati muli mu Nsi ndala. Mwagiyingiramu mutya? Eyo y'Ensi ensuubize. Kisuubizo kya kika ki? "Awo olulituuka mu nnaku

ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri." Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Nsi eno ensuubize. Amiina. Ab'oluganda abakyala n'abaami, aleeruuya, abalongoofu mu mitima, nga tebalina buggya, tebalina bulabe, tebalina kintu kyonna! Sifaayo oba ow'oluganda awaba, ka kibe kiki kyonna ky'aba akoze, ojja kumunoonya omukomyewo.

141 Gye buvuddeko nnagenda okukomyawo ow'oluganda, eyali awabye. Omuvubuka omu n'aŋŋamba, nti, "Oyo omuyaaye muleke agende. Muveeko."

142 Ne mmugamba nti, "Bwe ntuukanga ku ddaala nga omutima gwange tegukyalumirirwa muganda wange, kitegeeza kye kiseera ŋŋende ku woolutaali, kubanga mba ngudde okuva mu kisa." Ne mmugamba nti, "Nja kumunoonyaayo kasita aba nga akyassa omukka, era nja kubaako we mmugwiikiririza mukomyewo." Yee, ssebo. Era nnamukwata, aleeruuya, nnamukomyawo. Yee, ssebo. Kati yakomawo ali mu kisibo ateredde. Yee, ssebo. Yandiwabidde ddala n'agenda n'ensi.

143 Akaseera katono akayise bwe nnalabye omukazi oyo bambi nga atudde awo, omupoliisi bwe yampise, n'aŋŋamba nti, "Naye, alina kuba nga asibiddwa mu jaketi enyweza abatabufu b'emitwe obutatoloka." N'agamba nti, "Tategeera bulungi, atabuse omutwe." A—a, bamutadde mu wooteeri. Baavudde.

Ne mmugamba nti, "Tewali buzibu."

144 N'aŋŋamba, omupoliisi n'aŋŋamba nti, "Naye, Billy!" Mmumanyi bulungi, tumanyiganye okuva nga nkyali muto. N'aŋŋamba nti, "Bwe wabaawo ekintu kyonna kye nnyinza okukola okukuyamba."

Ne mmugamba nti, "Tewali buzibu."

N'aŋŋamba nti, "Osobola okumuyamba?"

Ne mmugamba nti, "Nedda, naye *Ye* asobola." Ne mmugamba nti, "Lindako katono."

145 Bwe batyo ne bamufulumyayo. Era we yaviiriddewo nga wayiseewo akaseera, yabadde alina emirembe. Kyabadde kiki? Twasindise essaala okumukomyawo. Amiina! Yabadde . . .

146 Baamubuuzizza nti, "Wandyagadde okufuna dokita?" Nga babuuza omwami we nti, "Wandyagadde okufuna dokita?"

147 N'abagamba nti, "Dokita talina ky'ayinza kumukolera." Ate nga bwe kiri. Mutabufu wa mutwe; dokita talina ky'ayinza kumukolera.

N'abagamba nti, "Essuubi lyaffe lyokka kwe kutuuka *wali*."

Omupoliisi n'aŋŋamba nti, "Billy, ekyo ssikitegedde."

Ne mmugamba nti, "Sikusuubira kukitegeera," olaba, "sikusuubira kukitegeera."

148 Naye, ha, bannange, nange ssikitegeera! Nedda. Naye, ow'oluganda, Katonda ali mu Ggulu. . .lumu nnali nnabula, nga ndi eyo, waliwo Ekintu ekyankimayo. Amiina! Tekyali lwa kuba nti nze nnayagala okujja, naye, nedda, waliwo Ekintu ekyankimayo. Kubanga nga n'ensi tennatondebwa, Katonda yakiteekateeka, aleeruuya, nti tuliba Babe, olw'ekitiibwa n'ettendo Lye. Muwulirize! Abo be Yamanyirawo edda, Yakola ki? Yabayita. Si bwe kiri? Yakuyita? Weewaawo! Lwaki Yakuyita? Yakumanyirawo edda. Abo be Yamanya edda, Yabayita; abo be Yayita, Abaggyeeko omusango. Si bwe kiri? Era abo b'Aggyeeko omusango, Abawadde ekitiibwa! Amiina! Bayibuli bw'etyo bw'egamba: "Abo be Yamanyirawo edda, Yabayita." Mu buli mulembe! Abo be Yayita, Yabawa dda ekitiibwa. Ekiki? Leka nsome Ekyawandiikibwa wano. Kale.

Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo nga bwe yasiima olw'okwagala Kwe. . .

Olw'ekitiibwa ky'ekisa Kye. . .

149 O, mukifuna? Olw'ettendo ly'ekitiibwa Kye! Asobole okutuula eyo mu mirembe Egitaggwaawo egigenda okujja, nga abaana Be bwe basaakaanya nti, "Abba, Kitaffe! Abba, Kitaffe!"

150 Nga Bamalayika bwe beebuuza nti, "Kiki kye boogerako? Kiki kye boogerako?"

151 Kyolekebwa bulungi nnyo mu mwana eyazaawa. "Nnali nnabula." "Ono mwana wange. Yali yabula naye kaakano azaawuse. Yali afudde, naye kati mulamu. Muleete ennyana ensava, n'ekyambalo ekisingayo obulungi, mumwambaze n'empeta ku ngalo. Era leka tu. . ." Tekyewuunyisa emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, abaana ba Katonda ne baleekaana olw'essanyu, bwe baalaba entegeka ey'obulokozi, nga Katonda ateeka erinnya lyo mu Kitabo nga n'ensi tennatondebwa.

152 Kati oyinza okuŋŋamba nti, "Calvin naye yali akkiriza ekintu ekifaananako bwe kityo." Nze ssikkiririzangako mu Calvin. Calvin yali mutemu. Calvin yatta omusajja nga amulanga gwa kubatiza mu Linnya lya Yesu. Yali muntu mukyamu, ye kennyini, yali yeetaaga kukyusibwa. Yee, ssebo. Naye mu bye yayogera, ebimu bye yayogera, byali bituufu. To. . .naye bye. . . Ekikolwa kye yakola, omuntu asobola okutta omuntu olw'ekintu bwe kityo, ekyo kibi nnyo, ekyo kikolwa kya bwonoonyi. Kale.

Kye Yasukkiriza gye tuli. . .

153 Ha, musooke mulindeko, kiri sikikutteeko "eky'okutongozebwa," nkikutteko? Nduddewo nnyo? Leka tulabe essaawa eno waggulu wano bw'egamba, tusigazzaayo budde bwenkana ki. Kale. Leka—leka tukozeseeyo eddakiika kkumi ku lw'abantu bano abaavudde ewala ennyo. Mulabeeyo. Mulabeeyo.

154 "Okutongozebwa," kati leka mbalage lwaki kukolebwa. Taata abeera n'obwakabaka nga bunene, bwe yeetooloola n'alambula. Kaakano bw'afuna omwana ow'obulenzi. Ha, n'asanyuka nnyo! (Oyo ye Katonda.) Kati ndowooza mumanyi taata oyo ky'akola? Afunayo omutendesi asingira ddala obulungi, omukuza. Omutendesi mumumanyi, temumumanyi? Ye musomesa w'essomero. Afunayo omusomesa w'essomero asingira ddala obulungi mu ggwanga gw'asobola okufuna. (Kati nno tugenda, muwulirize.) Ate afunira ddala omusomesa w'essomero asingirayo ddala obulungi. Tamala gafuna muntu ali awo kireereese, abeera ayagala mutabani we abeere musajja wa buvunaanyizibwa.

155 Ggwe abaana bo toyagala babeere bwe batyo? Ddala, obawa ekisingirayo ddala ky'osobola okubawa! Yee, ssebo. Kati omuntu ow'omubiri bw'aba nga ekyo ky'alowooza, ggwe olowooza Katonda alowooleza ki abaana Be? Ekisingirayo ddala ky'Asobola okufuna.

156 N'olw'ekyo, abeera ayagala omuntu anaabeera omwesimbu. Kaakati, tagira muntu . . . tayagala muntu anaamala gagamba mbu, "Kaakati, labayo, na—na . . . Junior, kola kyonna ky'oyagala, mukwano." "Ha, weewaawo, taata, uh-huh, mutabani wo akola bulungi, mulenzi mulungi." N'amuweeweetako mu mugongo n'atereeze enkofiira ye. Nedda, nedda. Oyo omusajja we twogerera aba yagobeddwa dda. Ddala. Abeera ayagala omusajja agenda okuba omwesigwa. Omulenzi oyo bw'aba akola bulungi, akimugambe. Bw'aba takola bulungi, era amubuulire awali obuzibu.

157 Kati taata ow'oku nsi bw'aba bw'atyo bw'alowooza . . . Ggwe tewandyagadde muntu abeere mwesimbu gy'oli, omusomesa abeere mwesimbu gy'oli ku bikwata ku baana bo? Ddala. Kati, olowooza ye Katonda kiki ky'alowooza? Ate nga Ye amanyi buli kimu; ffe tetumanyi, naye Ye amanyi. Ffe tuliko ekkomo, tetusobola kumanya byonna. Naye Ye taliiko kkomo era amanyi buli kimu.

158 Kati, mumanyi Kitaffe kye yakola? Teyagamba nti, "Leka nfuneyo ppaapa alabirire abaana Bange." Era teyagambako nti, "Leka nfuneyo o—omulabirizi." Nedda, nedda. Ekyo teyakikola, kubanga Yakimanya nga ppaapa aliba mukyamu, wamu n'omulabirizi. Mukiraba? Teyagambako nti, "Leka nfuneyo ssaabalabirizi alabirire amakanisa Gange." Nedda, nedda.

159 Yafuna Mwoyo Omutukuvu. Oyo ye yali Omutendesi We, uh-huh, ow'okukuza abaana Be. Kale. Kati omanya otya nti Omwoyo Omutukuvu akimanyi? Ayogera kuyita mu mimwa gya muntu. Olwo otegeera otya nti g'Ayogera ge Mazima? Bw'olaba Omwoyo Omutukuvu nga aliko emimwa mw'ayogerera nga gyogera Mazima gennyini buli mulundi, nga gyogera ebigenda okubaawo era ne bituukiririra ddala nga bwe byogeddwa,

nga Samwiri bwe yagamba, okwo kw'otegeerera nti ago ge Mazima. Kituukirira ddala nga bwe kiba kyogeddwa. Kubanga Katonda yagamba nti, "Bw'ayogera by'ayogedde ne bitatuukirira, temumuwulirizanga, kubanga Nze mba siri naye. Naye bwe bituukirira, kati awo, mumuwulire, kubanga mba Ndi naye." Mukiraba? Kiikyo. Bw'Atyo bw'akola.

160 Kati awo, n'Ayitaayita. Kati, olowooza Omutendesi oyo aba agenda kwogera ki singa Agenda ewa Taata? N'agamba nti, "Abaana Bo—abaana Bo enneeyisa gye beeyisaamu yeewuniikiriza. Nkubuulira, mutabani Wo oyo, ali awo, hum, mujeemu. Tatuula wamu azunga adda eno n'eri, Nze sirabanga ku muntu bw'atyo! Bannange, Omanyi by'akola? Ne muwala Wo oyo! Oh, whew, simanyi ky'Ogenda kumukolera. Hmm. Kale, Omanyi? Yenna afaananira ddala . . . Yenna yeesiigasiiga ebirangi nga abamu ku bawala b'eri. Abafirisuuti. Yee, Ssebo, naye ayagala kweyisa nga bo."

"Muwala Wange?"

161 "Weewaawo, muwala Wo." Omwoyo Omutukuvu ekyo ky'asobola okwogera ku kkanisa olwa leero. Y'ensonga lwaki tetusobola kufuna kudda buggya. Mukiraba? Kati, ekyo kituufu.

"Ate mutabani Wo? Huh? Naye kye kimu."

"Ekiki?"

162 "Naawe, Okimanyi bulungi nti bulijjo Ogamba nti endiga ezo zirina kuliisibwa mu muddo guli oguli engulu eri ku Mmere y'endiga eyo eri engulu eyo. Bwe kiri, naye Omanyi kye yakola? Yaziserengesa mmanga mu biddoddo biri. Yazitwala n'azireka eyo emmanga zonna ku kagga, n'azireka ne zibeera eyo mu biddoddo biri, nga zirya ebikoola by'enzingu, ne zituuka ne zinafuwa ne ziba nga tezikyasobola na kuvaayo." Abo be balabirizi, n'abasumba abasambajja Amaanyi gaakwo. "Kati, leka nkubuulire amazima, Sirabanga ku ndiga ntiitiizi nga ziri mu bulamu Bwange." Ekyo takyagala. Nedda. "Ye ate Omanyi? Ente ziri eziri engulu eri, Omanyi bulungi nga Wa—Wamugamba kuziriisa ku muddo ogwo ogwa—ogwa alufalufa oguli engulu eri, Omanyi, zisobole okugejja?"

"Weewaawo."

"Naye Omanyi by'aziriisa?"

"Nedda."

163 "Bi kayaayaana. Yee. Azigamba kwegatta bweggassi ku bibiina na bintu bya ngeri eyo. Kiri tokirabanga mu bulamu Bwo. Tolabanga ku kintu nga kiri mu bulamu Bwo bwonna. Omanyi by'akola? Abeera mu kukyakala nga bw'anywa sigala, atyo. Abeera ne mukyala we, naye nga yenna ayambadde obuwale obumpi nga Abafirisuuti bwe bakola erudda eri. Ddala." Ekyo kye kika ky'obubaka Omwoyo Omutukuvu

bw'alina okuwaayo obukwata ku kkanisa ensangi zino. Kaakati, ekyo mukirowoozaako ki?

164 Okwo kwe kutongozebwa. Yakola . . . Yakola? Yatwawulira eri—eri okutongozebwa. Yatuwa Omwoyo Omutukuvu; naye, sooka olindeko, okutongozebwa, kwe twogerako. Okutongozebwa!

165 "Naye, Ggwe by'akola obimanyi? Luli omulabirizi yajja, n'amugamba. Yalina olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa emmanga eri, ne wajja omulabirizi n'ayitirayo. Waliwo omusajja omu, ow'oluganda, eyayitirayo eyali asabira abalwadde. N'amugamba nti, 'Ebyo bikomye!'

"'O, ddala, weewaawo, taata omulabirizi, ŋŋenda kukikola.'

"'Toddamu kukolagana nabo.'

"'O, nedda, nedda, taata omulabirizi, sigenda kuddira.'

166 "Ne ŋŋenda gy'ali ne mmubuulira Amazima okuviira ddala mu Kigambo Kyo. Ne mmugamba olaba, Gaagano. Ne mmusomera amateeka Go ne mmubuulira kyennyini eky'okukola, naye n'atagawuliriza. Yawoza kimu mbu, 'Ha, ebyo byali bya mulembe mulala, oyo yali mwana mulala, wa kiseera kirala. Oyo si ye nze.'" Kiikyo. Ago, kati ago ge Mazima, mukwano gwange. Kati temulaba kkanisa w'esubirwa kuteekebwa mu kifo kyayo, n'ensonga lwaki tetulina kudda buggya, lwaki tetulina bintu nga bigenda mu maaso? Ensonga eri awo.

167 Yoswa yabagamba nti, "Gaadi, njagala mu . . . wano eno wennyini we wali ekifo kyammwe okusinziira ku ppulaani, ekifo kyammwe kiri wano, wennyini. Muyingire wano, aba Gaadi, musigale wano. Benyamini, mmwe mujje wano eno. Ate kati mwenna mwewalire ddala ensalo y'Abafirisuuti." Yoswa agenda okudda, nga bonna bali eri mu Bafirisuuti, bali mu kibbiitu, beetigoonyola okufa obufi, nga abakazi bonna beesiize langi, bali mu mazina banyumirwa okukamala. Yoswa n'atakula omutwe, ne yeebuuza nti, "Kaakati kiki kino?" Kati ekyo kyennyini kye kigenda mu maaso; si bonna, twebaza Katonda, si bonna, naye abasinga obungi. Kale.

168 Kati olwo kiki ekiddako? Ekyo kye kibaawo. Ggwe tolowooza nga Omuntu oyo, Omwoyo Omutukuvu, awulira nga aswala mu maaso ga Kitaffe okwogera ebintu nga ebyo? Ha, bannange! "Nna—Nna—Nna—Nnamugamba, naye ya—ya—yagaana okukiwuliriza. Nnakimugamba, ne mmuwa n'akisoma ne mu Kitabo mwennyini. Waliwo n'omuweereza gwe Nna—Nnaleeta n'ajja gy'ali n'amulaga nti Yesu Kristo y'omu jjo leero, n'emirembe gyonna. Naye Omanyi kye yakola? Yayaniriza—yayanirizaayo omu ku balunzi b'embuzi bali n'ajja wano n'amugamba mbu ebyo byali bya mulembe mulala. Okiraba? Era yali awunya okukamala we yatuukirayo, nga yenna awunya olusu lw'embuzi, Omanyi, nga awunya sigala, era

Omanyi, n'ebirala, nga yenna awunya bubi nnyo we yajjira wano. Olaba? Kyokka Nkubuulire, omulunzi w'embuzi oli yali yeetonyetonye emidaali miyitirivu obungi, kubanga, Nkubuulira, nga ssinga Oba wa kuwandiika linnya lye mu mawulire, liyinza okumalawo (ebimukwatako) biyinza okumalawo ekitundu eky'olupapula okuwandiika ebitiibwa bye byokka. Yee, Ssebo, bamwagala okukamala mu kitundu ekyo, naye, Nkubuulira, amazima gennyini tamanyi kuliisa ndiga. Ogwo gwe mutawaana. Yagaana okumpuliriza," nga Omwoyo Omutukuvu bw'agamba. "Nnagezaako okumubuulira nti Obeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, naye ya—yakigaana. Y'akyasinzeeyo mu batiitiizi be Nnali ndabye mu bulamu Bwange. Ddala. Kyokka oyo ekkanisa gwe yalonda okuba omulabirizi w'ekitundu, omukadde, n'ebirala ebitali bimu, era abantu bonna bamuwuliriramu. Ye ate obadde Okimanyi? Balina . . . wansi eyo balinayo oguntu gwe bayita 'ttivvi.' Ogenda n'ogussaako *oti*, a—abakazi ne bajja nga beetigoonyolera kuli, nga bonna bambadde obugoye obukunukkidde. Kyokka, Omanyi, bangi ku bawala Bo bali- . . . "

"Ah, ddala okakasa!" Okiraba?

169 N'agamba nti, "Ddala, bwe bali. Ddala, bakikola. Hum. Waliyo abamu ku bo abakaabirira okufuna okudda obuggya, Taata, abamu ku bo bakwetaagira ddala. Abamu ku bo batambulira ddala mu bulamu obutuufu bwennyini, abamu ku bo bayimiririddde ddala ku Kigambo ekyo nga bwe basobola. Abalala, bo simanyi na kya kukola, bali—bali bweru eri. Omanyi abalala kye bakola? Babajerega bujerezi, babayita, 'Bazoole buzoole.'"

"Eky'amazima, ekyo kindeetera Okuwulirira ddala bubi."

170 Naye kati leka ekifaananyi tukikyuse. Kaakati Taata, mutabani We mulenzi mulungi. A—agondera bulungi Kitaawe ebbanga lyonna, kati wano tulaba Omutendesi, Omwoyo Omutukuvu. Buli yonna Omwoyo Omutukuvu, Agamba nti, "Ŋŋenda kutambulamu," Omukuza nga agamba nti, "Ŋŋenda . . . "

171 Omwana nga addamu nti, "Nange ŋŋenda Naawe. Ŋŋenda kugenda naawe."

"Ha, naye nno olusozi luwanvu ddala, mutabani."

172 "Nja kugenda Naawe. Nkwesiga. Bwe Nnaakoowa, Ajja kunkwata omukono ampanirire."

"Naye waggulu ku kasozi waliyo empologoma!"

173 "Ekyo si kikulu kasita Obeera nga wooli, tekirina kye kikyusa. Mbeera ntambula Naawe."

"Engulu eyo nno wazibu, waliyo agayinja agaseerera."

174 "Nze ssifaayo, kasita Obeera nga Onkutte ku mukono, nnaatambula Naawe. Nnaatambula Naawe."

"O, nkubuulire? Ekyo Kitaawo naye yateranga okukikola, olaba. Ekyo kirungi. Yee, ssebo."

175 Ne bambuka waggulu ku ntikko y'akasozi. "Ha," n'Agamba nti, "Nkubuulire, Kitange? Mutabani Wo kakerenda akaava ku lubaya. Afaananira ddala, nga Ggwe. Buli Kigambo ky'Oyogera, akikubira 'amiina'. Nna—Nnamuluŋŋamya luli abikkule mu Bayibuli, w'Egamba nti, 'Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.' Omanyi kye yagamba? Yaleekaanira waggulu n'awanika emikono mu bbanga, n'agamba nti, 'Aleeruuya! Amiina!' Ha! Ye Omanyi wano Awagamba nti, mu—mu Kigambo Kyo, Omanyi, we Wagambira nti, 'Emirimu, oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola'?"

176 "Weewaawo, Ekyo Nzijukira nga Nkiwandiikira mutabani Wange. Weewaawo, Nzijukira okukiwandiika Ekyo."

177 "Ha, ekyo olwakiraba, yaleekaana n'abuukabuuka, n'awoggana nga bw'agamba nti, 'Aleeruuya, Mukama. Nzigyaamu ensi yonna. Nfuula Ekyo!' Yee, Ssebo. N'ebintu ebirala byonna ebyo bye yakola!"

178 "O," awo Taata n'agamba nti, "Nsa—Nsanyuse olw'omwana oyo. Oyo omwana mulungi. Kale. Mukuumireko eriiso okumala emyaka nga giigyo, olabe—olabe bw'aneeyisa, ne bwe yeeyongera mu maaso." Oluvannyuma nga wayiseewo emyaka egiwerako. "Ali atya?"

179 "Ha, bannange, yeeyongedde n'okukula mu kisa! Ha, bannange! Kati a...Asusumbula miti. Nkubuulira, wa—wa akolera ddala...Eky'amazima, endiga ezo azitwala, era asobolera ddala okuzirabirira nga—nga Ggwe bw'ozirabirira. Tasobola kuziriisa biddo bya ku nnyanja. Tasobola kuziriisa bi kayaayaana. Bwe zijja, nga zigamba mbu, 'Naffe twagala kwegatta ku kkanisa,' azigamba kimu, 'Musirike, ekyo si kye mwetaaga! Nedda, ssebo. Kye mwetaaga kiikino, "Mwenenye era mubatizibwe, buli omu ku mmwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi byammwe. Munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu."' Yee, Ssebo, yayogera bw'atyo."

"Eh, ekyo ddala akyogera?"

"Yee, Ssebo, ddala akyogera."

"Ate nno, ddala bwe ntyo bwe Nnakiwandiika."

"Era naye bw'atyo bw'akyogera."

"Hmm!" Yee, ssebo.

180 "Waliwo ezimu ezaagamba nti, 'Mulindirire mu kibuga Yerusaalemi okutuusa nga muweereddwa amaanyi okuva Waggulu. Omwoyo Omutukuvu bw'anaamala okubakkako, munaaba bajulirwa Bange mu Yerusaalemi, mu Buyudaaya ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.' Ekyo olwakisoma, n'aleekaanira waggulu n'agamba nti, 'Aleeruuya, ekyo kye mweetaaga!' Omanyi ky'akola? Asigala nazo awo

okutuusa lwe zimufuna, ky'ekyo kyennyini ky'akola, asigalawo nazo awo.

181 "Ate bwe zitandika okuwakana, nga azigamba nti, 'Wuupu, wuupu, wuupu, mulindeeko, mulindeeko. Embuzi ze zeeyisa zityo, si ndiga.' Olaba? Olaba? Oh, oluusi zimunyiigira, naye azisiisiitiramukko katonotono, n'azigamba nti, 'Mulindeeko, sh-sh, sh-sh, sh. Tewali mutawaana.' Endiga ezo amanyi bulungi okuzifuga. Yee, Ssebo, Nze Nkubuulira.

182 "Ye ate Omanyi? Nnalaba Ssaabalabirizi *Gundi* nga amugamba mbu 'takkirizibwa kujja mu kabuga *kano* kukubamu lukuŋŋaana.' Naye, Omanyi, Nnina engeri gye nnamuluŋŋamyamu, ne Mmugamba nti, 'Ggwe genda.' Olaba? 'Entambi zino bagambe bazikomyewo, ate togeza n'ozikkiriza ne zifuluma.' Naye era twagendayo! Twagenda mu bubuga buno, era ne batugamba nti, 'Kati nno, tetugenda kuwagir-. . . '

183 "Ye Okimanyi nti, ssetaani yajjayo, n'agamba nti, 'Nze nkukakasa nsobola okumugoba mu kabuga ako.' Ne mmugamba nti, 'Tosobola kukikola. Bwe Nnaamugamba okugenda, ajja kugenda. Nze ŋŋamba ajja kugenda.' 'Nedda, nedda, nedda, nedda, nedda, kale nja kumugamba. Nja kugendayo ŋŋambe nti, "Kaakano, abakozi bange mwenna, mukuŋŋaaneeko wano. Ebyo eby'obuzoole ebyo wano temubyetaagawo, ebyo eby'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda n'eby'okujjula Omwoyo Omutukuvu. Ebyo byayita dda byakoma ku batume emyaka mingi egiyise. Mukimanyi nga tebikyalina kalungi, byali bya luli."' Nga agezaako okubawa ebiddo by'ennyanja, n'eby'engeri eyo. Ba . . .

184 "Naye, Omanyi, era yagendayo. Yagendayo n'atandika okuzikasukira omuddo gwa alufalufa, okuva . . . Era Omanyi ekyabaawo, endiga ezo zaatandikirawo okulya, era zeeyongerera ddala okugejja. Yee, ssebo. Era bwe zaalaba ziti abantu nga bawonyezebwa n'enkuŋŋaana ezo, Omanyi, ezisinga obungi ku zo zaatandikirawo. Kasita, zaalaba nga singa zifuna ekiganda ky'omuddo ogwo ogwa alufalufa. Omanyi kye zaakola bwe zaagufuna? Gwali mulungi nnyo ne zidduka ne zigenda mu baliraanwa ne zibagamba nti, 'Lya ku Guno! Lya ku Guno! Lya ku Guno!' Mukiraba, embeera eyaliwo yali efaanana nga eno eri wano. Guuguno wano wennyini. Guli wano wennyini, mulaba. 'Mwenenye bwenenya, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu, mulaba, munnafuna Omwoyo Omutukuvu. Wa buli yenna ayagala, leka ajje, leka ajje wano alabe Bayibuli ky'egamba.' Olaba? Era baafuna ekiseera ekiyitirivu emmanga eyo."

185 "Ha, oyo ye mutabani Wange! Oyo ye mutabani Wange. Naye, kati Olowooza akuze bulungi?"

186 "Weewaawo. Ddala bwe kiri," nga Omwoyo Omutukuvu y'agamba. "Mmuwadde ebigezo. Nkukakasa, Mmugezesezza

mu *kino*, ne mmugezesa mu *kiri*. Mmusudde wansi, n'alwala, Mmutadde wansi. Mmulinnyiridde, ne ndeka ssetaani n'amukola buli ky'asobodde kyonna, naye era n'addamu n'asituka. Azzengamu n'asituka nga takyuseeko yadde. Olaba, azzengamu n'asituka. Mmulwazizza. Ne Mmukola *kino*. Ne Mmukasuka mu ddwaaliro. Ne Mmuzza erudda ne mmukola *kino*, ne Mmukola *kiri*. Ne Ndeetera mukyala we okumwefuulira, ne Ndeetera baliraanwa be okumwefuulira, buli kimu ne Nkireetera okumugolokokerako. Naye ebyo byonna tebirina kye bikyusizza. Agambyenga bugambi nti, 'Ne bw'Anzita, era nja kumwesiga.' Nzise aba famire ye. Ne Mmutwalako *kino*, ne Nkola *kino*, ne Nkola *bino* byonna, ne Nkola *kino*, ne *kiri*, *n'ebirala*. Naye era n'asituka n'agamba nti, 'Ne bw'Anzita, era nja kumuweereza! Ye wange!'"

187 "O! Kati nno, Nzikiriza tusaanye tubeeko we tumutwala mu kafo ak'enjawulo tukole omukolo gw'okumutongoza."

188 Kati, taata, mu Ndagaano Enkadde, bwe yakitegeeranga nti mutabani we akuze, era nga atendekeddwa bulungi atuuse ku kutongozebwa ng'omwana. Okutuuka ku! Yazaalibwa nga mwana, naye, bwe yakulanga n'abeera ddala omutabani akuze. Naye kati teyasukkangawo ku kya kubeera mwana bwana, omwana owa bulijjo, okutuusa lwe yakulanga n'alaga ekyo ky'ali. Olwo, awo nga alyoka amuyita okubaako w'amutwala.

189 Kati wano we wali ekinyusi, kkanisa. Mwetegese? Kaakati obudde buyise, naye buli omu kwatirirako, beera bulindaala, era wekkaanye, okumala eddakiika nga emu. Olaba? Kati tugenda kuteeka ekkanisa mu kifo kyayo. Kaakati ekkanisa bw'etuuka mu kifo ekyo, awo nga Agamba nti, "Manase, wano we wammwe. Efulayimu, awammwe ludda wano."

190 Kale yabangako ekifo we yamutwalanga, ekyo taata kye yakolanga, n'amutuuza waggulu mu kifo ekigulumivu nga *kino*, n'akola omukolo, nga bonna bakuŋŋaanye. N'agamba nti, "Njagala buli omu ategeere nti ono mwana wange, era omwana wange ono mmutongozza. Era njagala buli omu ategeere, okuva kaakano, nti erinnya lye...mmwambaza, ekyambalo eky'enjawulo. Era njagala mutegeere nti erinnya lye ku cceeke liba nga eryange. Mwana wange, mmutongoza mu famire yange newankubadde abadde mwana wange okuva lwe yazaalibwa. Okuva lwe yafuna Omwoyo Omutukuvu, abaddenga mwana Wange. Naye kaakati ŋŋenda kumuteeka mu kifo eky'obuyinza. Gw'agoba nga agobeddwa, gw'awa omulimu nga aweereddwa omulimu.

191 "Mazima ddala, ddala, mbagamba nti, bw'oligamba omuti guno, bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Siguukululwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, wabula n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, osobola okufuna ky'oyogedde." Mulaba? Kiikyo; kiikyo. Mukiraba? "Mwana Wange."

Bameka abakimanyi nti okutongozebwa, nti...omwana baamutongozanga nga amaze okukakasibwa nti...Buli omu eyali asomye Bayibuli, okutuuzibwa kw'omwana mu kifo kye.

192 Kati, ne Katonda yakola ekintu kye kimu ku Mwana We bwe Yatwala Yesu ku Lusozi Olw'okufuusibwa. Yatwalayo Peetero, Yakobo ne Yokaana engulu eri, abo be bajulirwa basatu okuva ku nsi. Waaliyo Yesu, Musa ne Eriya, ne Katonda, ku lusozi waggulu. Nga bayimiridde waggulu eyo ku lusozi. Era baba bakyali awo, bagenda okulaba, nga Yesu agulumizibwa mu maaso gaabwe. Si bwe kiri? Bameka abamanyi nga ekyo kiri mu Byawandiikibwa? Kiki kye Yakola? Ya—Yamwambaza omunagiro ogw'obutafa. Era agamba nti, "Ekyambalo Kye kyali kimasamasa nga enjuba." Si bwe kiri? Ekire ne kibasiikiriza. Peetero ne Yokaana bonna, ne bagwa ku bwenyi bwabwe. Baagenda okulaba, nga Musa ne Eriya bayimiridde awo boogera Naye. Ate nga Musa yali yafa dda, era nga yaziikibwa mu ntaana etamanyiddwa w'eri okumala emyaka lunaana. Nga n'Eriya yasitulibwa ekigaali ne kimutwala mu Ggulu, emyaka ebikumi bitaano nga ekyo tekinnabaawo. Whew! Naye baali bakyaliyo! Baabo awo nga boogera Naye. Mulaba, Yali atutte Yesu waggulu abalabe, alabe byonna ebikwata ku nsonga eno, abalabe, amulage ebintu bino byonna. Era baayogera Naye, ne banyumya Naye.

193 Kati Peetero olwaddamu okutunulayo ati yasanga Yesu ekitiibwa kimuvuddeko, era baalabawo Yesu yekka, awo Eddoboozi ne liva mu kire ekyo, ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, mumuwulire! Erinnya Lye n'Eryange kaakano tewali njawulo. Mumuwulire!" Ky'ekyo, abaana abatongozeddwa, oba abateekeddwa mu bifo byabwe.

194 Kati, awo Katonda w'agezaako okutuusa ekkanisa y'Abapentekoote mu Kitabo ky'Abaefeso. Mulaba? Mu—mukitegeera? Tulina okumaliriza kubanga obudde buyise, mulaba, abaana batandise okusumagira. Ate nga nnabadde njagala ntuuke ku lunyiriri luno wano, naye sisobola kukikola, okutuuka ku lunyiriri olw'e—olw'e 13, mulaba, akatundu kaalwo akasembayo agamba nti, "ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa." Tujja kukikwatako ku Ssande, mulaba. Mulabeeyo. Kati, kijja kitya, kiki ekituyingiza, n'engeri gy'Atuukumamu.

195 Naye kati okuteekebwa mu "kifo," oteekebwamu otya? Osooka n'ozaalibwa mu Bwakabaka ku bw'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo bameka abakimanyi? Kale. Ekiddako, wayawulibwa eri ki? Okutongozebwa. Kitegeeza ki ekyo? Wayawulibwa eri okuteekebwa mu kifo.

196 Ha, Mwannyinaffe Scott, nzikiriza ye ggwe, atudde wano. Si ye ggwe eyabadde ewaka leero? Waliwo enjigiriza egenda mu maaso okwetoloola wonna mu nsi olwa leero, ne mu bitundu

by'eggwanga ebitali bimu, ngiwuliddeko, emirundi egiwerera ddala, egamba mbu Yesu waali wano ku nsi, atambulatambula nga ali mu mubiri, Ajja n'akola *kino*. Obwo bulimba! Omwoyo We Omutukuvu y'ali wano, era Ali mu kugezaako kuteeka Kkanisa Ye mu kifo kyayo, kuteeka Kkanisa Ye mu nkola yaayo entuufu, kugiteeka mu Nsi ensuubize, basobole okuyingira . . . abalabe bonna basobole okugoberwa ebweru.

197 Ab'ekika kya Manase tebasobola kutwala ttaka lye. Sisobola kuba na lukuŋŋaana lwa kusabira bantu nga ekitundu kimu kya kubiri ekya . . . nga . . . ŋŋenda ebweru eyo ne mbuulira okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, naye a—ab'oluganda abakkiririza mu busatu bo ne bagamba nti "Ha, oyo be bali aba Yesu Yekka." Kitegeeza sisobola kugendayo ne mbeera na lukuŋŋaana lwa kuwonya okw'Obwakatonda nga kimu kya kubiri ku bo bagamba nti, "Okuwonyezebwa okw'Obwakatonda si kubi," era nga bangi ku bo basanyukira ebyamagero bya Mukama wabula bagamba nti, "Kale, nzikiriza nti Ow'oluganda Branham nnabbi, naye leka mbeeko ne kye nkubuulira. Omwoyo kasita aba nga amuliko, era nga ayawula emyoyo, abeera muweereza wa Mukama. Wabula Enjigiriza ye yo nvundu, teriimu kalungi." Ani yali awulidde obuvundu obwenkana awo? Birina kuba nga bya Katonda oba si bya Katonda. Bwe kiri. Byonna bya Katonda bwe kitaba ekyo byonna tekuli kya Katonda. Bwe kityo bwe kiri. Naye ogenda kukikola otya? Manase tebasigadde mu ttaka lyabwe, Efulayimu tebasigadde mu ttaka lyabwe, Gaadi tebasigadde mu ttaka lyabwe, Benyamini tebasigadde mu ttaka lyabwe, bonna bapadde na Bafirisuuti, bonna beetabise wamu. Olwo tunaateekebwa tutya mu bifo byaffe? Naye twazaalibwa Omwoyo Omutukuvu, fenna. Si bwe kiri? Twazaalibwa kutuuka ku ki? Twayawulibwa . . . Bwe tumala okuzaalibwa, twawulibwa okutuuka ku kutongozebwa, okuteekebwa mu bifo byaffe mu Mubiri gwa Kristo. Mulaba kye ntegeeza?

198 Omubiri gwa Kristo kye kiki? Abamu batume, abamu bannabbi, abamu bayigiriza, abamu babuulizi ba njiri, ate abalala basumba. Si bwe kiri? Tuyitibwa. Abamu balina ebirabo eby'okwogera ennimi, okuvvuunula ennimi, amagezi, okumanya, ebyamagero, okukola ebyamagero, ebirabo bino byonna eby'enjawulo. Naye kati kiki kye baakola? Ebyo baabikolako okumala akaseera. Kiki? Olwamala ne babireka ttayo batyo nga ebitalina makulu. Omu asituka, n'ayogera mu nnimi, ate omulala n'agenda mu maaso, nga bw'ayogera nti, "Blrr, blrr, blrr, blrr, blee." Uh-huh. Omubuulizi ayinza okuba abuulira, n'ayita abaagala okulokoka, ate ne wabaawo asituka, n'ayogera mu nnimi, "Aleeruuya! Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Era singa—singa omubuulizi agenda mu maaso n'okubuulira obubaka bwe, nga aliko amafuta, nga abantu bagamba nti, "Oyo eyagwa." Mukiraba, lwakuba tebayigiriziddwa.

199 Bayibuli egamba nti omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi. Katonda si ye nsibuko y'okutabulwatabulwa. Bwe nnyimirira wano, oba omuweereza omulala n'ayimirira wano nga ali wansi w'amafuta ga Katonda, ne bw'owulira nga oyagala kubaluka kwogera mu nnimi, sirika okutuusa nga Katonda amalirizza erudda wano. Ate ne bw'oyogera mu nnimi, tekuba kuddiŋŋana buddiŋŋanyi Kyawandiikibwa, kubanga Katonda yagamba temuddiŋŋananga mu bigambo kutaliimu makulu. Wabula buba bubaka obulina omuntu butereevu gye bulagiriziddwa. Mbuuzaayo omulundi lwe kyali kibaddewo, ndagayo ekiseera kyonna Omwoyo Omutukuvu, mu kwawula emyoyo, lwe yali agambyeko omuntu yenna, nga addiŋŋana buddiŋŋanyi Kyawandiikibwa. Abagambyenga bikyamu bibatawaanya na bikyamu bye baakola, ne kye bateekwa okukola oba ekintu ekigenda okubaawo, oba ekintu bwe kityo. Si bwe kiri?

200 N'okwogera ennimi n'okuvvuunulwa kwazo nakwo bwe kuli! Bwe wabaawo ayogera mu nnimi mu kkanisa, omulala n'azivvuunula, leka kibe bwe kiti: Leka Ow'oluganda Neville asituke ayogere mu nnimi, bw'amala ow'oluganda ono wano awe okuvvuunulwa kwazo, agambe nti, "Gamba omusajja ono wano nti jjo yagenze n'abaako kye yakoze ky'atasaanye kukola. Kati olwa leero omusawo yamugambye nti mulwadde wa kkookolo. Genda otereeze ekintu ekyo, okomewo wano otereeze ne Katonda."

Omusajja agambe nti, "Mazima ddala, ago mazima." Awo Katonda aba ali nammwe.

201 Naye tugenda kukikola tutya nga tukola bino? Mulaba? Nga tumala gajoboja, "Blmp, blrr, blrr, blrr." Nga tetwefiirayo, kumala gajoboja, okutaliimu kuteekebwa mu kifo kwonna. Kati ebyo. . . Mukiraba, Abaefeso, bagezaako oku. . . Mulaba, ekyo bakisubwa. Mulaba bwe bakisubwa? Twayawulibwa okutuuka ku kutongozebwa kw'abaana! Kati bameka abategeera kye ntegeeza? Muwanike emikono gyammwe. Okutongozebwa! Twazaalibwa mu Mwoyo wa Katonda, ekyo ddala mazima, twafuna Omwoyo Omutukuvu, ne tukaaba nti, "Abba, Kitaffe! Aleeruuya! Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Ekyo kye tuli, ddala kituufu, tuli baana, naye tetusobola kubaako na we tweyongera mu maaso. Tetusobola kukuba Bafirisuuti.

202 Ggwe laba Billy Graham nga ayimiridde eri gye yali. Nga Omusiraamu oli amusoomooza amugamba nti, "Kikakase."

203 Laba Jack Coe bwe yayimirira erudda eri. Nga omukaafiiri oyo atakkiriza nti waliyo Katonda, n'oli eyali ava mu nzikiriza eyo ey'Ekkanisa ya Kristo nga alamusiŋŋana n'omukafiiri atakkiriza nti waliyo Katonda, nga akkiriziganya naye. Omuntu alina okuba Omukristaayo, naye nga alamusiŋŋana ne ssetaani nga Joe Lewis, akkiririza mu ndowooza ezize ku bubwe, n'avvoola ne Katonda n'agamba nti "n'okusooka kwa

byonna, ndaba, teri Katonda," n'ebintu eby'engeri eyo. N'olaba n'ekkanisa eyeeyita ekkanisa ya Kristo, nga balamusiŋŋana naye, n'okumuwagira okuvunaana Ow'oluganda Jack Coe. Tunaayinza tutya okubaako ne kye tukola? Nga kw'ogasse n'Abapentekoote, bangi ku bo, nga nabo tebali ku ludda lwe; mu kaseera, buli mubuulizi yenna mu ggwanga lyaffe we yali ateekwa okuyimirira naye n'agamba nti, "Ayi Katonda, weereza amaanyi Go." Mulaba, tuli awo, nga tesobola kuteekebwa mu kifo kyayo.

204 Ab'ekika kya Efulayimu tebakkalira mu kifo kyabwe. Omu ku bo avaayo n'adda eruuyi eno, tugenda okulaba nga ab'ekika kya Manase ate bali ludda eno, bagamba nti, "Ha, bannange, Mukama ampadde essamba ya kasooli ennungi!" Ate ne zireeta, Gaadi, n'ajja n'agamba nti, "Naye, sooka olindeko. Nnina kulima sayiri, naye nange ŋŋenda kulima kasooli. Aleeruuya!" Mulaba? Ebya kasooli tebikukwatako; lima sayiri, olina kulima sayiri. Tolina kulunda ndiga nga wakwasibwa gwa kulunda nte. Katonda Ekkanisa ayagala kugiteeka mu kifo kyayo. Naye buli omu ayagala kukola ekintu kye kimu. "Aleeruuya!" Tosobola kubagolola. Nedda, nedda. Bakyalina obutonde bw'embuzi obwo obwa, "Butt, butt, butt, butt, butt, butt, butt." Mulaba, tosobola kubagolola. Bwe kiri. Kati, ekyo si kituufu? N'omaliriza nga tosobola kuteeka kkanisa mu kifo kyayo. Mukiraba?

205 Ekkanisa esaanidde okuba nga yayawulibwa kutuuka ku kutongozebwa kw'abaana, omuntu w'a . . . Katonda w'asobolera okukwata omuntu n'amutongoza mu famire, n'abaako ne ky'amuwa. Ekyo, okusooka, kigezese olabe oba nga kituufu. Bayibuli egamba nti mukemenga emyoyo. Omusajja ono bw'agamba nti waliwo ky'alina, mukigezese mulabe oba nga ddala kituufu. Bwe kiba nga ddala kituufu, mugende mu maaso nakyo. Mugambe nti, "Mukama, tuweerezeeyo ekirala." Mweyongere mu maaso, olaba, mweyongere bweyongezi mu maaso okutuusa nga buli omu atutte ekifo kye. Awo mujja kutandika okulaba ekkanisa ya Katonda nga etandika okutwala ekifo kyayo. Awo Abafirisuuti bajja kudduka baddeyo emabega. Obuwale obumpi bujja kwambulwamu, enviiri zijja kuddamu zikule zibunduke, amaaso gajja kunaazibwako ebirangi; tewajja kubaawo sigala. Ekyo bwe kiri. Ekkanisa bw'etandika okuyingira mu Maanyi gaayo ag'ekitalo, bwe tuba ne Ananiya ne Safira, n'abalala abatonotono bwe batyo. Yee, ssebo. Mujja kulaba Ekkanisa eyo entukuvu bw'enaayimirira awamu mu Maanyi Ge, nga baatekeddwa mu bifo byabwe nga abaana ba Katonda, nga batongozeddwa mu famire ya Katonda, Ekkanisa ey'Amaanyi nga eyimiridde awo mu kitiibwa kyayo. O, ekyo ky'Akomawo okukima.

206 Mulaba bwe tukyali ewala ennyo, ab'oluganda? Temusobola na kukkiriziganya ku Byawandiikibwa. Era omuntu yenna, omuntu yenna atasobola kulaba kubatiza mu mazzi mu Bayibuli,

mu Linnya lya Yesu Kristo, ekimu ku bibiri aba muzibe wa maaso oba mutabufu wa bwongo. Bwe kiri. Ate awo we wali olutalo olunene.

207 Nso—nsoomoza omuntu yenna asobola okundeetera Ekyawandiikibwa kyonna omuntu yenna we yali abatiziddwa mu linnya eddala eritali Linnya lya Yesu Kristo, mu kkanisa empya. Oba, ne bwe yabanga yabatizibwa mu ngeri endala yonna, yabanga alina okuddamu n'abatizibwa mu Linnya lya Yesu Krsto, okufuna Omwoyo Omutukuvu. Jangu omundage. Teriiyo kintu kifaanana nga ekyo. Teri kutumibwa kufaanana bwe kutyo. Yesu bwe yayogera wali nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu ku byonna tekuli linnya, tekuli linnya ku byonna, Peetero yakyuka nga wayiseewo ennaku kkumi nga ekyo kimaze okubaawo, n'abagamba nti, "Mwenenye, era mubatizibwe, buli omu ku mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi." Era buli wamu wonna mu Bayibuli . . .

208 Era wano waaliwo abamu abaali baabatizibwa emmanga eri, mu ngeri endala, nga baabatizibwa Yokaana, olw'okwenenya. Pawulo n'abagamba nti, "Mulina okuddamu okubatizibwa. Mulina okuddibwamu."

209 "Ha, naye twabatizibwa omusajja omutukuvu ow'amaanyi, Yokaana. Ye yabatiza ne Yesu."

210 "Ekyo kirungi, naye eno y'Enjiri bw'eti bw'egamba. Ono ye Mwoyo wa Katonda eyambikkulirwa. Ndi mutume wa Mukama, era ssinga malayika yenna okuva mu Ggulu ajja n'abuulira ebirala ebyawukana . . . "

211 Ekyo leka nkisome. Bayibuli egamba nti, "Singa malayi- . . . " Pawulo yagamba nti, "Singa malayika okuva mu Ggulu abaako ky'ayogera kyonna ekyawukana," k'abe omulabirizi, k'abe ssaabalabirizi, k'abe ppaapa, k'abe omulabirizi ow'oku kitundu, k'abe ani yenna, "Singa abuulira ekirala kyonna ekitali Kino kye mbabuulidde, leka akolimirwe." Tewali . . . Tetulina nkola efaanana bw'etyo. Nedda ssebo. Ggwe gi . . . Ekintu nga ekyo tekiriiyo. Ggwe, tu . . . Naye ate—ate, labayo, ekyo lwaki abantu tebasobola kukiraba? Lwaki abantu teba—teba—tebakikkiriza? [Ow'oluganda addamu nti, "Kwawulibwa."—Omuk.] Mulaba? Waliwo akyogedde awo, Gene. "Okwawulibwa," ky'ekyo kyennyini. Lwaki? "Abo bonna Kitange be Yampa bali" (Balikola ki?) "balijja gye Ndi." Mu ngeri ki yennyini! "Abo bonna Kitange be Yampa balijja—balijja gye Ndi." Mbadde ki, kiki kye ngezaako okunoonya wano? Tuutuno. Kale.

212 Leka nsome olunyiriri luno lwokka bwe mmala mbabuulire kiki Pawulo, ebintu bye ya . . . Obubaka bwennyini bwe

mbuulidde akawungeezi kano, kiikino Pawulo kye yayogera ku kwawulibwa, ku kubatizibwa mu mazzi mu Linnya lya Yesu, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okuteekebwa kw'ekkanisa mu kifo kyayo, n'ebirala. Yagamba bw'ati:

> *Nneewuunya* (nga agamba Abaggalatiya) *kubanga* musenguse *mangu bwe muti okuva eri eyabayita* eri . . . *ekisa kya Kristo* (Amakulu nti, nswadde nnyo, okuba nti mukkiriza omuntu n'ajja wano, n'abakyamya okubajja ku Ekyo.) *okugenda eri enjiri endala:*
>
> *Si ndala; wabula abantu ababateganya, abaagala* okuziyiza *enjiri ya Kristo,* okuziyiza *Enjiri ya Kristo* yennyini.

213 Naye mulabeeyo. Kaakati, mujjukire nti, yali Pawulo ye yakubiriza buli muntu eyali teyabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okujja addemu abatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo. Ekyo bameka abakimanyi nti kituufu? Bameka abakimanyi nti yali Pawulo ye yagamba nti ebyama bino byali byakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, naye ne bimubikkulirwa, nti twayawulibwa okufuuka abaana ba Katonda okutuuka ku kutongozebwa, yali Pawulo? Mulabeeyo wano kye yayogera:

> *Naye oba nga ffe, oba malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga enjiri wabula nga bwe twababuulira, akolimirwenga.*

214 Tomugamba bugambi mbu, "Mukulu, ssikkiriziganya naawe." Wabula leka akolimirwe. Leka nsome olunyiriri oluddako:

> *Nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo bwe njogera kaakano nate nti, Omuntu bw'abuuliranga enjiri wabula nga bwe mwaweebwa, akolimirwenga.*

215 Ekyo kituufu. Kakaati, ow'oluganda, mwannyinaze, bw'aba nga yali Katonda olunaku lwa luli, era ekyo—ekyo nkyogera, nga nsuubira sikyogera mu butassaamu kitiibwa, bw'aba nga ye yantwala okulaba . . . Kati, ntera okukyamuka; ndowooza si kukyamuka, wabula mpeebwa omukisa mu kubuulira. Ŋŋenda ne nva mu bw'obuntu ne mbalwisa wano okutuusa lwe mukoowa ne mutandika n'okusumagira. Naye, ha, si . . . singa—singa mubadde musobola okutegeera nga bwe mbaagaliza okubeerayo eri! Olaba? Era bwe njira, kino njagala nziremu nkyogere, bwe na . . . bwe Yaŋŋamba nti . . . Nnamugamba nti, "Kyandikoze . . . "

Yambuuza nti, "Wandyagadde okulaba gye biggweera bwe wafaanana?"

216 Ne nkyuka ŋŋenda okweraba nga ngalamidde awo nnesigamye ku kitanda. Eky'amazima mummanyidde ebbanga erimala okumanya nti—nti—nti ge mbabuulira Mazima. Njagala mbeeko ne kye mbabuuza, nga Samwiri bwe yabuuza bwe baali

tebannafuka mafuta ku Sawulo, nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama okuggyako amazima gokka? Si bwe kiri? Bulijjo gabaddenga mazima. Nnali nzize ne mbasaba ssente zammwe oba ekintu eky'engeri eyo? Nedda, olaba, sikikolangako. Nnina ekintu ekirala kyonna kye nnali nkoze nga oggyeeko okugezaako nga bwe nsobola okubaluŋŋamya eri Kristo? Ky'ekyo kyennyini.

217 Kaakati baagala kugamba mbu nsoma busomi birowoozo by'abantu, mumanyi, mbu ndi muntu ategeera okusukkuluma obusimu obwa bulijjo. Weewaawo, ebyo birina okugolokoka, Bayibuli egamba bya kubaawo. Nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, kyenkana baakolera ddala ebintu bye bimu Musa bye yakola, okutuusa lwe kyatuuka ku kaseera ak'okwolekanya obwanga. Bwe kiri. Naye mujjukire nti, Yane ne Yambere baali tebasobola kubawonya. Baali tebasobola kuwonya. Baali basobola okuleeta kawumpuli, naye nga tebasobola kumuggyawo. Mulaba? Kale. Kaakati, Katonda ye Muwonya. Ekigambo kya Katonda kisigala nga ge Mazima.

218 Ngezezzaako okuba omwesimbu gye muli. Ngezezzaako okubabuulira Amazima. Nge—Nge . . . okumala emyaka kyenkana amakumi asatu mu gumu, nnyimiriddenga mu kituuti kino, nga nzijja entakera, okumala emyaka amakumi asatu mu gumu, era lumu oba oli awo ekituuti kino ndikireka ne ŋŋenda mu Kitiibwa. Wabaddewo omukyala, omuwala, taata, ow'oluganda, bonna abaaziikiddwa erudda eri, ab'emikwano abaagalwa. Ndabyenga essanduuko zaabwe n'ebimuli nga zigalamiziddwa awo mu maaso, era mmanyi nti lumu, n'eyange, nayo erigalamizibwawo. Kaakati, ekyo kituufu. Naye mu bwesimbu, okuviira ddala mu mutima gwange, mbabuulira n'omutima gwange gwonna, nzikiriza mbabuulidde Enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo entuufu. Nzikiriza nti muteekwa okubatizibwa, buli omu ku mmwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, era mufune okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era bwe munaakikola, kijja kubaleetera essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuwombeefu, obukkakkamu, obugumiikiriza, okukkiriza.

219 Kati luli, ekyantukako ku olwo ku makya, nange sikimanyi. Ssinnasobola kwawula kugamba oba nnali wano mu mubiri gwange ne ndaba okwolesebwa, oba nnasitulibwa okuva wano, ne ntwalibwa eri. Simanyi, sisobola kwawula. Kimu kyokka kye mmanyi kiri nti, bulijjo nna—nnalinga ntya okufa, akafo ako ak'obulumi. Naye nga ssitya nti oba oli awo Yesu ayinza okujja ate n'atantwala, kati, ekyo nnali sikitya, kubanga ekyo si—sikitya; naye nnali ntya nti bwe ndiba ow'okukusisinkana oliba lufu oluseeyeeyeza awo mu bbanga. Naye kati nkiraba. Abantu bali bwe nnabalaba, baali bantu bennyini. Era baali bantu be nnali mmanyi wano ku nsi, ne mukyala wange yennyini eyasooka. Eri teyali mukyala wange, yali mwannyinaze.

Teyampitako bba, yampita mwannyina omwagalwa. Tewaaliyo kwegatta, tewaaliyo nneewulira ya kika ekyo, yali tesobola kubaayo; kwali kutuukirira, bwali bulungi, kwali kutuukirira kwereere.

Muli nneewuunya, simanyi, naye nneewuunya: Kyandiba nga ky'ekyo kye yalaba, bwe yali tannava ku nsi? bwe yali eri mu ddwaliro, bwe nnamuyita, n'aŋŋamba nti, "Billy, okibuuliddengako bulijjo, okyogeddengako, wabula," n'agamba nti, "tomanyi kye kiri." N'agamba nti, "Sirinaamu kuyaayaana kwonna kwa kusigala."

220 Nneewuunya oba nga ky'ekyatuuka, ne ku musajja omulungi, omutukuvu muzeeyi F. F. Bosworth, eyali abuuliriddeko mu kituuti kino, eyabuulira nange mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo. Muzeeyi F. F. Bosworth, kyenkana, mwenna, mumumanyi; omusajja omulungi, omutukuvu. Nga ebulayo essaawa bbiri, kati, mu wiiki nga emu oba bbiri nga tannagenda, nnagenda okumukyalirako nga ali awo agalamidde awo, ali, mu myaka kyenda egy'obukulu. Naagolola emikono gye egyali gikozze, nga wa kiwalaata nga alina n'amasulubu ag'envi. Nnakwata muzeeyi oyo mu ngalo zange ne ndeekaanira waggulu nti, "Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri n'abageebagadde."

Kubanga bwe waba waali wabaddeyo omusajja eyali abadde omusaale wa Pentekoote yennyini era eyali omutume omwesigwa, yali F. F. Bosworth, ataliiko kya kunenyezebwa, mwerufu, alina Enjiri yennyini eya nnamaddala, mulaba, yali Bosworth. Era bwe nnamukwata mu ngalo zange, ne ndeekaana nti, "Kitange, kitange, amagaali ga Israeri n'abageebagadde."

221 Yaŋŋamba nti, "Mutabani, sigala ku mulimu." N'aŋŋamba nti, "Dduka misinde ogende mu nsi ez'ebweru osookeyo abamu ku bavubuka bano, bw'oba osobola, nga tebannatuukayo kutwalayo buzoole bwabwe. Batwalire Enjiri eyo eya nnamaddala gy'olina, mutabani." Yaŋŋamba nti, "Obuweereza bwo tebunnatandika okusinziira ku ekyo kye bulina okuba." N'aŋŋamba nti, "Oli Branham eyaakasabuukululwa." N'agamba nti, "Okyali muto, mutabani."

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Bosworth ndi wa myaka ana mu munaana."

222 N'aŋŋamba nti, "Tonnatandika." Yaŋŋamba nti, "Tokkiriza abavubuka bano Abapentekoote okutwalayo obusirusiru bwabwe, ne basaasaanya obutwa buli wamu, ne batuuka ku—ku bakungu bonna n'eggwanga lyonna ne babaleetera okulwanyisa Enjiri nga tonnaba kutuukayo." N'aŋŋamba nti, "Genda mu maaso, Ow'oluganda Branham, genda mu maaso n'Enjiri gy'olina." N'aŋŋamba nti, "Nzi—nzikiriza nti oli mutume, manya nnabbi wa Mukama Katonda waffe."

223 Ne mmutunuulira, ne mmuwambaatira n'emikono gyange. Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Bosworth, njagala

nkubuuzeeyo ekibuuzo. Kaseera ki akakyasinzeeyo okuba ak'essanyu ak'o...ak'obulamu bwo...emyaka gyo gyonna gy'omaze nga obuulira?"

N'aŋŋamba nti, "Ke kaseera kano kennyini, Ow'oluganda Branham."

Ne mmubuuza nti, "Okimanyi nti ofa?"

N'aŋŋamba nti, "Ssisobola kufa."

Ne mmugamba nti, "Kiki...Lwaki ogamba nti kano ke kaseera ko akakyasinzeeyo okuba ak'essanyu?"

224 Waaliwo akaggi. N'aŋŋamba nti, "Ngalamidde wano nga amaaso gange ngoolekezza akaggi ako. Eddakiika yonna, Oyo gwe njagaddenga, era Oyo gwe mbuuliriddenga era gwe nnyimiririddenga ku lulwe okumala ebbanga lino lyonna... obulamu bwange bwonna, Ajja kujja ku kaggi ako okunkima, era ŋŋende Naye." Ne mmutunuulira, ne ndowooza muli, nga—nga ndabamu nga bwe nnanditunuulidde Ibulayimu, Isaaka oba Yakobo.

225 Ne mmukwata mu ngalo, ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Bosworth, ffembi tukkiriza Katonda y'omu, tukkiriza ekintu kye kimu. Olw'ekisa kya Katonda ŋŋenda kubuulira okutuusa lwe ndissa ogw'ekomerero. Ŋŋenda kusigala nga ndi mwesigwa ddala eri Katonda nga bwe mmanyi. Sijja kwekkiriranya ku Njiri kukyama kudda ku ludda lwonna oba mu kifo kyonna. Nja kusigala nga ndi mwesigwa ddala nga bwe mmanyi. Ow'oluganda Bosworth, ndikusisinkana mu Nsi esinga eno obulungi gy'otaliba muto...manya gy'otaliddamu kuba mukadde, wabula gy'olibeerera omuvubuka."

226 N'aŋŋamba nti, "Olibaayo, Ow'oluganda Branham, teweeraliikirira."

227 Era nga wabulayo essaawa nga emu, nga wabulayo essaawa bbiri afe...nga wayiseewo emyezi nga ebiri, mu kiseera kiri nnalowooza yali agenda kufa mu kaseera ako, mukyala wange yagendayo n'amulaba (bulijjo yalowoozanga nnyo ku mukyala wange), wamu ne Muky. Bosworth. Nga wabulayo essaawa nga bbiri yali agalamidde, nga yeebase. N'agolokoka, n'amagamaga, n'akka n'ava ku kitanda kye. N'agamba nti, "Maama, amazima, emyaka giweredde ddaala nga sikulaba! Taata! Ow'oluganda Jim, bannange," n'agamba nti, "leka tulabe, wali omu ku be nnaleeta eri Mukama, e Joliet, mu Illinois." Waali wayiseewo emyaka ataano kasookedde afa. Olaba? Weewaawo! N'agamba nti, "Ye ggwe Mwannyinaze *Gundi*. Ddala weewaawo, nna—nnakukulembera okujja eri Mukama mu lukuŋŋaana lw'e Winnipeg. Weewaawo. Ate, ono ye Mwannyinaze *Gundi*. Ndudde okukulaba...Weewaawo, olaba, ggwe wajja eri Mukama e *gindi*." Era okumala essaawa bbiri nnambirira yali alamusaganya n'abo be yaleeta eri Mukama. Olwamala n'addayo we yali, n'agalamira, n'awumbako emikono

gye, era awo we yakoma. Ow'oluganda F. F. Boswoth yayingira mu Nsi eyo Yesu gye yanzikiriza okulabako ekiro kya luli? Bw'aba yayingira, gy'ali nga omuvubuka akawungeezi ka leero. Katonda awummuze emmeeme ye. Nange nsaba mbeerere ddala mwesigwa nsobole okuyingira mu Nsi eyo. Era nsaba mbeere o—omuweereza ow'amazima ddala eri Kristo!

228 Obulamu bwange bunkwasa ensonyi. Nswala mu maaso ga-. . . Ni—Ni. . . Bwe mba nnali nnyonoonye gye muli bantu mmwe, mu—musaanye okujja mumbuulire. Mulaba? Ngezaako okutambulira mu bugolokofu mu buli kimu Katonda ky'aŋŋanya okukola olw'ekisa Kye. Olaba? Mulaba? Naye, mulabeeyo, mikwano, mulina ebbanja okujja gyendi bw'oba olina ekintu kyonna ky'omanyi mu bulamu bwange ekikyamu, jangu okiŋŋambe. Ate, mulabeeyo, kinkakatako okuyimirira wano ne mbabuulira Enjiri ey'amazima. Kinkakatako, kubanga mwenna nsuubira okubalabayo, nga abavubuka abaami n'abakyala, emitala w'olukoloboze luli. Wali kutemya butemya kikowe okuva awo w'oli kati n'eri. Kati, ekyo bwe kiri. Weewali.

229 Era nsaba nti Katonda ow'ekisa kyonna, Katonda w'Eggulu, si mu kuvvoola, wabula mu buwombeefu, "Taata," ku lunaku luli olukulu lwe tulikomezebwawo wano nate okukima emibiri gyaffe egy'oku nsi, tusobole okunywa n'okulya emizabbibu n'ebibala by'ensi. "Balizimba amayumba ne gatasulwamu balala. Balisimba ensuku z'emizabbibu ne zitaliibwa balala." Olaba? Omuntu asimba olusuku lw'emizabbibu, mutabani we n'alusikira, ne mutabani w'oyo n'alutwala, ne mutabani we. Naye wano si bwe kiriba; alirusimba n'asigalawo. Mulaba, bwe kiri. Tulibeerayo emirembe n'emirembe. Era nsaba, nti mu Nsi eyo, mwenna mbalabeyo.

230 Era mmanyi nti wano njogera n'eri abaweereza abakkiririza mu busatu. Era, baganda bange, kino sikyogera—kino sikyogera kubalumya. Nange, nzikiririza mu busatu, nzikiririza mu busatu, enneeyoleka za Katonda ez'engeri essatu (Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu), naye si Bakatonda basatu. Olaba? Nzikiriza nga ziri enneeyoleka za ngeri ssatu, ekyo nkikkiririza ddala, nkikkiriza n'omutima gwange gwonna, "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," wabula tebali Bakatonda basatu. Ziri nneeyoleka za ngeri ssa-. . . oba woofiisi za Katonda essatu. Katonda lumu yabeerako mu bwa Kitaffe, n'abeerako mu bw'Omwana, naye kati ye Mwoyo Omutukuvu. Ye Katonda y'omu mu woofiisi ssatu. Era ba . . .

231 Era ku Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, tekuli Linnya lya Katonda. Katonda alina Erinnya limu, era Erinnya Lye ye Yesu. Bayibuli egamba nti, "Famire eri mu Ggulu eyitibwa Yesu, ne famire eri ku nsi eyitibwa Yesu." Ekyo kituufu. N'olwekyo Katonda yalina Erinnya limu, erinnya ery'obuntu. Yali. . . yalinako erinnya nga ayitibwa Yakuwa-yire, Yakuwa-

rafa, ebyo byali bitiibwa Bye eby'Obwakatonda. Naye Yalina Erinnya limu: Yesu! Era ye Oyo.

232 Kale eky'amazima, baganda bange, bwe muba temukkiriziganya nange, mujjukire nti, mu buli ngeri, ndi—ndi—ndibasisinkanayo eri. Mulaba? Ndi—ndibeerayo nammwe. Kale Katonda abawe omukisa. Era mbaagala.

233 Era njagala ekkanisa ejjukire nti, ku Ssande ku makya tujja kutandikira wano era nja kugezaako obutabalwisaawo kusukka ssaawa munaana, tusobole okuba n'olukuŋŋaana olw'akawungeezi, bwe tuliba tusobodde, naye bwe nkola nga bwe nkoze akawungeezi ka leero, essaawa nnya n'ekitundu. Munsonyiye? Ab'emikwano, tetukyasigazzaayo budde buli awo, ab'emikwano. Mba—mbayita, "ab'emikwano" kubanga kye muli. Muli—muli mikwano gyange. Mumanyi? Leka... Waliwo Ekyawandiikibwa ekinzijidde. Pawulo yagamba nti, "Mbakwatirwa obuggya (Ekkanisa Ye) obuggya bwa Katonda, kubanga mbafumbiza." Kiikyo, kiikyo awo. Ky'ekyo. "Kubanga mbafumbiza, nga mbaleeta eri Kristo, nga omugole omulongoofu."

234 Kati, kiri bwe kiba nga kyali kituufu ku lunaku lwa luli, yaŋŋamba...Abantu bali, baŋŋamba, nti, "Yesu alijja gy'oli, naawe olitwanjulayo gy'Ali," nga omugole omulongoofu. "Nga balamulwa okusinziira ku Kigambo kye wababuulira." Era, mulabeeyo, singa mbabuulira ebyo byennyini Pawulo bye yabuulira ekkanisa ye, ekibinja kye bwe kiriyingira, n'ekyaffe nakyo kiriyingira, kubanga tulina ekintu kye kimu. Amiina.

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tugamba nti, "Katonda akuwe omukisa." Kaakano...?...omusumba waffe omwagalwa, Ow'oluganda Neville.

OKUTONGOZEBWA 2 LUG60-0518
(Adoption 2)

OBUBAKA BW'OKUTONGOZEBWA OBUDDIRIŊŊANA

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwakusatu akawungeezi, nga 18 Maayi, 1960, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org